

**AMATEEKA N'EBIWANDIIKO
BYA GAVUMENTI YA UGANDA
EBIKOSA OKULWAANYISA
AKAWUKA AKALEETA
MUKENENYA MU BANTU
ABEKUBA EBIRAGALALAGALA
MU MIBIRI**



GATTONYA (JANUARY) 2017



AMATEEKA N'EBIWANDIIKO BYA GAVUMENTI YA UGANDA EBIKOSA
OKULWAANYISA AKAWUKA AKALEETA MUKENENYA MU BANTU ABEKUBA
EBIRAGALALAGALA MU MIBIRI

Kifulumiziddwa

Human Rights Awareness and Promotion Forum (HRAPF)

Gattonya (*January*) 2017

ABAWANDIISI

Omunoonyereza

Linette du Toit

Abayambi

Joaninne Nanyange

Edward Mwebaza

Abavunnuzi

Fred Kawalya

Justine Balya

Omusunsuzi

Adrian Jjuuko

OKUNYONNYOLA EBIMU KU BIGAMBO EBIKOZESEDDWA MU KATABO

Abantu abasosolebwa: Abantu ab’olubatu bwogerageranya n’abantu bonna muni, abasosolebwa kulw’enkula yabwe oba emirimu gy’ebakola.

Abantu abakozesa ebiragalalagala. Bano be bantu abakozesa ebiragalalagala omuli enjaga n’ebitamizi ebirala naye ng’omugaso gwabyo sigwa kwejjanja bulwadde. Bayinza okubinyuusa, okubinywa nga sigala, oba okubyekubira mu mpiso.

Abantu abali kubwerende (Most At Risk Populations): Bano b’abantu abali kubunkeenke ennyo okukwatibwa akawuka akaleeta mukenenya bw’ogeraageranya n’abantu abalala olw’ebintu eby’enjawulo abantu bano byebaba nabyo oba byebakola okwawukana ku balala.

Abantu ab’olubatu: Bino bye bibinja byabantu nga bbo batono okugerageranya n’abantu mu bibinja ebirala mu ggwanga. Bano be bantu nga: abo abalina akawuka akaleeta mukenenya, abasajja oba abakyala abegatta ne banaabwe, oba abavubi.

Abantu ab’ekuba ebiragalalagara: Bano beabantu abakozesa ebiragalalagara mu ngeri y’okwekuba empiso.

‘Ba Nekolera gyange’: Bano be bantu abatunda akaboozi ak’ekikulu.

Ebiragalalagala: Bino bye birungo oba ebidagala nga bikwata omuntu abeera abikozesezza nekimuleetera otulo, okukendeeza obulumi oba okunafuya obusimu mu mubiri, era oluusi okukwaata ku bwongo ne bi kyankalanya enkola y’obwongo, ekimuleetera okulaba ebintu ekifuulannenge, wamu n’okukyuusa embeera ze, entegeera ye wamu n’enneeyisa.

Ebiragalalagala ebikwaata: Bino bye birungo oba ebidagala nga bikwata omuntu abeera abikozesezza nekimuleetera otulo, okukendeeza obulumi oba okunafuya obusimu mu mubiri.

Ebiragalalagala ebiwuunza (Psychotropic substances): Bino bye bilagalalagala ebikwata omuntu ku bwongo era n’ebireka nga bikyankalanyizza enkola y’obwongo, ekimuleetera okulaba ebintu ekifuulannenge, wamu

n'okukyuusa embeera ze, entegeera ye, enkwata y'ensonga wamu n'enneeyisa.

Eby'obulamu ebikwaata kuby'okwegatta (*Sexual and Reproductive Health*): Kwekuba obulungi kunsonga ezeekuusa kuby'okwegatta nga mw'emuli n'ensonga zonna ez'ekuuusa ku by'okwegatta nebikwatibwako byonna.

Enkola ez'okukendeeza obulabe (*Harm Reduction models*): Zino z'enkola, enteekateeka, wamu n'ebikolwa eby'omuggundu ebikolebwa okukendeeza obulabe obuva mu kukozeza ebiragalalagala mu bantu naddala abatali beetegefu oba abatasobola kubivaako.

Obusosoze: Okuyisa omuntu oba abantu mu ngeri eyawukana ku balala oba mu ngeri embi olw'ebintu ebibaliko eby'enjawulo okugeza emyaaka, enzikiriza, ensibuko yaabwe n'ebirala.

Obujjanjabi Obusooka Obuziyiza akawuka ka mukenenya (*Post Exposure Prophylaxis oba PEP*): Buno bwe bujjanjabi obw'amangu obuwebwa omuntu bwaba nga agasse omusaayi gwe oba amazzi amalala agabeera mu mubiri gonna n'ag'omuntu alina oba ateeberezebwa okuba n'akawuka akaleeta mukenenya okusobola okukendeeza ku mikisa gy'omuntu oyo egy'okukwatibwa mukenenya.

OKUTAGGULULAEBIGAMBO EBIKOZESEDDWA MU BUFUNZE

EOC	<i>Equal Opportunities Commission</i> (Akakiiko akanonyeereza ku kusoolebwa mu bantu)
ICWEA	<i>International Community of Women living with HIV/AIDS Eastern Africa</i> (Ekibiina ekikola ku bakyaala abalina akawuka akaleeta mukenenya mu buvanjubwa bwa Africa)
MARPI	<i>Most at Risk Populations Initiative</i> (Ekibiina ekiwagirwa ekitongole kye'byobulamu nga kikola ku abo abasinga okuba kubuzibu bwokukwatibwa akawuka akaleeta mukenenya)
NGOs	<i>Non-Governmental Organisations</i> (Ebitongole by'obwanakyeewa)
NIRA	<i>National Identification and Registration Authority</i> (Ekitongole kya Gavument ekikola ku kuwandiisa abantu)
NSP	<i>National HIV and AIDS Strategic Plan</i> (Entekateeka ya Gavumenti ku kulwanyisa akawuka k'amukenenya wamu n'endwadde ya silimu)
OST	<i>Opioid Substitution Therapy</i> (Enzijanjabo y'abantu abakozesa ebilagalalagala nga babawaamu eddagala eritalina nnyo bulabe bw'amaanyi ku bulamu bwaabwe ng'ebyo ebilagalalagala by'ebaba bakozesa okusobola okubayamba okubivirako ddala mu mpola mpola)
PEP	<i>Post-Exposure Prophylaxis</i> (Obujjanjabi obw'amangu obuwebwa omuntu bw'aba nga agasse omusaayi gwe oba amazzi amala gona agabeera mu mubiri n'agomulala alina oba ateeberezabwa okuba n'akawuka akaleeta mukenenya okusobola okukeendeza ku mikisa gy'omuntu oyo egy'okukwaatibwa mukenenya)
SRHR	<i>Sexual and Reproductive Health and Rights</i> (Eby'obulamu n'eddembe lw'omuntu ebikwata kukwegatta, n'ensonga endala zona ezekuusa ko.)
UGANET	<i>Uganda Network on Law Ethics and HIV/AIDS</i> (Ekibiina kyo'obwanakyeewa ekikola ku mateeka, empisa n'e mukenenya mu Uganda)
UHRN	<i>Uganda Harm Reduction Network</i> (Ekitongole eky'obwannakyeewa ekikola ku ntegeka ez'okukendeeza obulabe abantu abakozesa ebiragalalagala wamu n'abalala abasolebwa bwe bafuna mu bulamu bwaabwe okuva mu mbeera ezo ezibasosozo mu Uganda)
UNAIDS	<i>Joint United Nations Programme on HIV</i> (Ekitongole ky'ensi yonna ekikola ku kulwanyisa mukenenya)
WHO	<i>World Health Organization</i> (Ekitongole ky'ensi yonna ekikola kuby'obulamu)

TABLE OF CONTENTS

ABAWANDIISI	3
OKUNYONNYOLA EBIMU KU BIGAMBO EBIKOZESEDDWA MU KATABO	4
OKUTAGGULULA EBIGAMBO EBIKOZESEDDWA MU BUFUNZE	6
I. ENNYANJULA	8
2. AMATEEKA GA UGANDA GAGAMBA KI KU NSONGA Z'EBYOBULAMU N'EDDEMBE LY'ABANTU MU NSONGA Z'OKWEGATTA WAMU N'OKUTUSIIBWAKO OBUBAKA N'OBUJJANJJABI OKUSOBOLA OKUZIYIZA MUKENENYA OBA OKUMUWEWEZA, NADDALA MU BANTU ABAKOZESA EBILAGALALAGALA MU UGANDA?	10
2.1 Amateeka mu Uganda gasangibwaawa?	10
2.2. Amateeka ga Uganda gogeraki ku bantu abekuba ebiragalalagala, era kino kikosa kitya eby'obulamu bwaabwe wamu n'engeri gyebafuna mu obubaka ku kuziyiza wamu n'obujjanjabi ku kawuka akaleeta mukenenya.	10
2.3 Biwandiiko ki ebitongole ebya gavumenti ebyekuusa ku kufuna obujjanjabi ku kawuka akaleeta mukenenya wamu nokubudaabudibwa mu bantu abakozesa ebiragalalagala?	20
3. AMATEEKA G'ENSI YONNA GOGERAKI KU BANTU AB'EKUBA EBIRAGALALAGALA ERA GABAKOSA GATYA KU DDEMBE LYAABWE ERIKWAATA KU BY'OBULAMU MU KWEGATTA N'OKUZAALA WAMU N'OKUFUNA EMPEEREZA Y'OKUTANGIRA N'OKUJJANJABA MUKENENYA?	25
4. EBYOKULABIRAKO KU NSONGA Z'AMATEEKA N'EBIRAGIRO KU Z'EBY'OBULAMU EZIKWAATA KU KWEEGATTA N'OKUZAALA WAMU N'OKUFUNA EMPEEREZA EY'OKUZIYIZA N'OKUJJANJABA MUKENENYA MU BANTU ABAKOZESA EBIRAGALALAGALA.	26
OKUFUUNDIKIRA	28
EBITABO N'AMATEEKA EBIKOZESEDDWA MU KUWAANDIIKA AKATABO KA NO	29

1. ENNYANJULA

Mu Uganda, ebitundu asatu ku buli kikumi eby'abantu abafuna akawuka akaleeta mukenenya, babeera bantu abali kubwerende wamu n'abagalwa baabwe¹. Amawanga okwetoolola ensi yonna gassa kimu nga nkuyege nti abantu abali kubwerende okusinga abalala bankizo nnyo mu kulwanyisa akawuka akaleeta mukenenya².

Abantu ab'ekuba ebiragalalagala b'ebamu ku abo abantu abasinga akuba kubwerende. Kino kiva ku kuba nga befumita empiso ezakozesebwaako kubanga bekweeka. Mu nsi yonna ebitundu 13 ku buli kikumi ku bantu abekuba ebiragalalagala balina akawuka akaleeta mukenenya era emikisa gyaabwe egy'okukwatibwa akawuka akaleeta mukenenya gisinga ko emirundi 28 ku g'abantu abalala³.

Mu Uganda abantu ab'ekikula kino tebafiibwako nnyo mu kufuna obujjanjabi n'endabirira, era n'okunoonyereza kutono nnyo okukoleddwa ku nsonga y'eddembe lyabwe wamu n'embeera y'obulamu bwaabwe.

Abantu bano era baboolebwa wamu n'okunyoomebwa, ekintu ekibalemesa oba ekibatiisa okugenda mu malwaliiro okufuna empeereza y'okuziyiza wamu n'okuweweeza akawuka akaleeta mukenenya wamu n'okubudaabudibwa.

Ensonga enkulu lwaki abantu abakozesa ebiragalalagala bayisibwa bubi nnyo kwe kuba nti okukozesa ebiragalalagala wamu n'okusangibwa nabyo kimenya mateeka mu Uganda olwo nekireetera ababikozesa okubeera abamenyi b'amateeka ababeera basaana okukangavulwa.

Okwesuilirayo ogwa Naggamba ku bantu abakozesa ebiragalalagala ku nsonga y'okufuna obujjanjabi kireetera akawuka akaleeta mukenenya okw'ongera okusaasaana kubanga abasinga obungi tebamanyi bwebayimiridde ku bulamu bwabwe, era tebalina busobozi kufuna bujjanjabi obuweweeza ku ndwadde y'amukenenya, ekireetera akawuka okw'ongera okusaasaana.

Abantu abakozesa ebiragalalagala era balina obwetaavu obw'enjawulo mu nsonga z'ebyobulamu⁴, ate nga okukozesa ebiragalalagala kireetera omuntu okukaluubirizibwa okukozesa eddagala eriweweeza ku kawuka k'amukenenya nga omusawo bw'aba alagidde⁵. Uganda erina enkola

1 World Health Organisation (WHO) *Policy Brief: Consolidated Guidelines on HIV Prevention, Treatment and Care for Key Populations* [Enkola Ey'awamu Ku Kuziyiza n'Okujjanjaba Mukenenya, N'okubudaabuda abantu abali kubweereende], WHO, 2014.

2 UNAIDS *Reaffirming the Leadership of People Living with HIV in the AIDS Response* ['Okunyweeza Obukulembeze Bw'abantu abalina Mukenenya mu kulwanyisa mukenenya'] UNAIDS, 18 July 2016.

3 UNAIDS *The GAP Report* [Alipoota ya GAP] UNAIDS, 2014.

4 International Network of People Who Use Drugs (INPUD) and Global Network of People Living with HIV (GNP+) *Advancing the Sexual and Reproductive Health and Human Rights of Injecting Drug Users Living with HIV: a Policy Briefing* [Okutumbula Eby'obulamu mu Kuzaala n'okwegatta wamu n'eddembe ly'abantu ab'ekuba ebiragalalagala mu mpiso ng'ate b'alina n'akawuka ka mukenenya: Enteeekateeka] [INPUD and GNP+, 2010.

5 J Nchenga, M Hislop, H Nguyen, DW Dowdy, RE Chaisson and L Regensberg *Antiretroviral Therapy Adherence, Virologic and Immunologic Outcomes in Adolescents compared with adults in Southern Africa* [Ebbaluwa ekwaata ku Ngeri Abantu Abali ku nzijaanjabwa eweweeza ku kawuka ka mukenenya gy'ebamulamu eddagala lyaabwe, n'engeri gy'ekikoosa mu obuwuka obuli mu mubiri wamu n'obutofali obulwanyisa obuwuka obwo nga egeraageranya mu abavuka n'abantu abakulu mu maserengeta ga Africa] *Journal of Acquired Immuno Deficiency Syndrome* [Akatabo k'abakugu ku nsonga za Mukenenya] 2009, 65-71.

z'amunguba ezikwata kubwetaavu obw'enjawulo obw'abantu abakozesa ebiragalalagala.

Akatabo kano kanokolayo enkola n'amateeka ebikwata ku by'obulamu bw'abantu abakozesa ebiragalalagala, okufuna okumanyisibwa ku ngeri y'okwetangiramu akawuka akaleeta mukenenya, wamu n'okuweebwa obujjanjabi eri abantu ab'ekuba ebiragalalagala. Akatabo kano kafulumiziddwa n'ekigendererwa eky'okwongera okukuba omulanga eri ebitongole ebikawasisa amateeka wamu ne gavumenti okutwaaliza awamu ku nsonga eno.

Akatabo kano kawandiikiddwa mu lulimi olwangu era olutegeerekeka, era nga kalimu n'ebiyokulabirako bingi ku nsonga z'okukwasisa amateeka. Kanokola yo ebitundu by'amateeka gona agakwaata ku bantu abekuba ebiragalalagala eby'etaaga okulongoosebwa mu. Akatabo kano era kagendereddwamu okubangula abantu abakozesa ebiragalalagala basobole okubeera abasaale mu kulwanyisa ensaasaanya y'akawuka akaleeta mukenenya wamu n'okulwaanirira eddembe lyaabwe basobole okufuna obujjanjabi bw'ebetaaga naddala mu nsonga za mukenenya. Tulina essuubi lingi nti abantu bano abakozesa ebiragalalagala bagenda kuganyulwa nyo mu katabo guno.

2. AMATEEKA GA UGANDA GAGAMBA KI KU NSONGA Z'EYOBULAMU N'EDDEMBE LY'ABANTU MU NSONGA Z'OKWEGATTA WAMU N'OKUTUSIIBWAKO OBUBAKA N'OBUJJANJJABI OKUSOBOLA OKUZIYIZA MUKENENYA OBA OKUMUWEEZA, NADDALA MU BANTU ABAKOZESA EBILAGALALAGALA MU UGANDA?

2.1. Amateeka mu Uganda gasangibwaawa?

Amateeka ga Uganda gali mu buwandiike ne mu butali buwandiike era amateeka gonna gasengekeddwa mu madaala ag'enjawulo.

Ssemateeka lye tteeka ekkulu mu Uganda era amateeka amalala gonna galina okukkaanya nalyo okubeera amatuufu. Ensulo y'amateeka ey'okubiri ge mateeka amawaandiike agayisibwa Olukiiko Olukulu olw'eggwanga (Palamenti). Gano gagoberelwa ebiragiro ebiyisibwa ba minisita oba n'ebitongole bya gavumenti eby'enjawulo mubuyinza obubiwebwa olukiiko olukulu olw'eggwanga. Ebitongole bya gavumenti era biyisa ebiragiriro wamu n'enkola ya gavumenti ku nsonga ezitali zimu nga birambika gavumenti bweyimiridde ku nsonga ez'enjawulo. Bino ebiragiro biyinda okuba nga tebissibwa mu nkola mu kkooti nga amateeka wabula nga bya nkizo nnyo mukulaga engeri gavumenti gy'eyimiridde kunsonga ezo era n'engeri gy'erina okutambulamu ku nsonga ezo.

Amateeka era gasibuka mu nsalawo za Kkooti, ne mu buwangwa n'obulombolombo bw'abantu kasita buba nga tebukontana na mateeka mawandiike.

Uganda era efuugibwa amateeka g'ensi yonna ge yakkiriza okugifuga. Wabula, amateeka gano okufuga mu Uganda, galina okusooka okuteekebwa mu mateeka ga Uganda. Wadde nga kiri bweekiti, obulombolombo bw'amateeka g'ensi yonna bugamba nti buli nsi eteeka omukono ku ndagaano ezigatta amawanga oba ku teeka ly'ensi yonna, erina okussa mu tteeka eryo oba endagaano eyo ekitiibwa, wadde nga tebiri mu mateeka gaayo.

2. 2. Amateeka ga Uganda gogera ki ku bantu abekuba ebiragalalagala, era kino kikosa kitya eby'obulamu bwaabwe wamu n'engeri gyebafuna mu obubaka ku kuziyiza wamu n'obujjanjabi ku kawuka akaleeta mukenenya.

Amateeka mu Uganda ku kukozeza wamu n'okusangibwa n'ebiragalalagala makakali. Omusango guno gukosa nnyo abantu abakozeza ebiragala ebyo, kubanga essira terili ku kutema mpenda zakukendeeza ku bulabe obuleetebwa ebiragalalagala wabula eri kubonereza babikozeza.

Newankubadde eddembe ly'obuntu ly'abantu abakozeza ebiragalalagala terikooneddwako mu Ssemateeka, eddembe ly'abantu bonna mu Uganda okutwaaliza awamu likuumibwa era nga muno mw'etutwaalira n'eddembe ly'abantu abakozeza ebiragalalagala.

Amateeka mangi agekuusa ku bantu abakozeza ebiragalalagala newankubadde ng'abantu bano teb'ogeddwaako mu lwatu mu mateeka gano.

Akatabo kano kalambika amateeka gano amakulu n'engeri gyegakwaatamu ku bantu bano.

a] Ssemateeka w'eggwanga

Ssemateeka ly'etteeka ekkulu mu Uganda. Ssemateeka alambika nti abantu ffenna twenkana era tewateekeddwa kuba kusosolebwa mu bantu okusenziira ku myaka , ekikula, eggwanga , ekitiibwa mu bantu n'ensibuko.

Wadde nga mu lukalala luno, abantu abakozeza ebiragalalagala tebakooneddwako, kisoboka okubabalila mu bantu abasosolebwa olw'ebyenfuna oba engeri gy'ebalabibw'amu abalala. Ekikulu kiri nti eky'obutabogeera ko tegitegeeza nti tebalina bukuumi bwonna mu Ssemateeka kubanga Ssemateeka alambika bulungi ensonga y'omwenkanonkano etataliza muntu yenna, newankubadde nga akozeza ebilagalalagala.

Newankubadde ng'okukozeza ebiragalalagala kimenya mateeka, abantu abakozeza ebiragalalagala basigaza eddembe lyabwe ery'obwebange. Wewaawo eddembe lino lisobola okukeendeezebwa oba okukomebwaako, naye kino kirina kukolebwa mungeri Ssemateeka gy'alambika. Ssemateeka yennyini agamba nti omuntu yenna anagyibwaako eddembe lye mu mateeka nti kubanga azzizza omusango alina okubulirwa ensonga lwaki asibibwa, era alina okutwalibwa ng'atalina musango okutuusa nga akirizza omusango, oba nga kkooti esazeewo nti gumusenze..

Eddembe lyonna ery'obwebange erirambikiddwa mu Ssemateeka gamba nga eddembe obutatulugunyizibwa oba okubonyaabonyezebwa, eddembe okw'etaaya, eddembe ly'omuntu okukuuma ebyama bye n'obutalinnyirilwa wamu n'eddembe ly'okwetaba n'abalala mu bibiina nga omuntu bw'aba asiimye liweebwa buli muntu yenna nga mwemuli n'abantu abakozeza ebiragalalagala. Kkooti etaputa Ssemateeka .nayo yavaayo n'egamba nti akawaayiro akaali mu teeka erimu nga kagaana akakiiko akakola ku kulwaanyisa obusosoze mu Uganda, ka *Equal Opportunities Commission* okunoonyereza ku nsonga ezikwaata ku bantu abatwalibwa nga abakola empisa embi nga mwemuli ne ba *trans* kaali kakontana ne Ssemateeka era n'eragira kaggyibwe mu tteeka elyo⁶. Mu bantu abo abalabibwa nga abatasana kubeera mu balala mwemuli n'abantu abakozeza ebiragalalagala.

Ssemateeka talambika bulungi ddembe ly'eby'obulamu n'obujjanjabi nga bw'alambika eddembe eddala. Naye wadde nga kino kiri bw'ekityo, eddembe ly'okufuna obujjanjabi liragiddwa mu Biruubirirwa bya Uganda n'endagiriro ku nkola za gavumenti eziri mu Ssemateeka. Mu 2005,

⁶ *Adrian Jjuuko v Attorney General*, Constitutional Petition No. 1 of 2009 [Omusango gwa Adrian Jjuuko nga awaaba Ssaabawolereza wa Gavumenti mu Kkooti etaputa Ssemateeka omusango namba 1 ogw'omwaaka 2009].

Ssemateeka yakyusibwa era nekirunnamizibwa nti eggwanga linaatambulira ku birubirirwa bino n'enkola eyo eragiddwa waggulu⁷. Okulongoosa mu Ssemateeka mu ngeri eno kitegeeza nti obuvunaanyizibwa bwonna obw'okukakasa nti abantu bonna beeyagalira mu ddembe lyabwe ery'obujjanjabi bwalekebwa mu gavumenti⁸. Ssemateeka takoma ku ddembe lyokka ery'ogerwaako mu Ssuula ey'okuna wabula yazingiramu n'eddembe ly'obuntu eriyinza okuba nga terikooneddwako bulungi mu Ssemateeka.

Kale olw'okuba nti abantu bonna benkana era nga balina eddembe okunyumirwa eddembe lyaabwe ery'obwebange eriri mu Ssemateeka awatali kukubwa ku mukono okuggyako nga Ssemateeka akkirizza, n'abantu abakozesa ebiragalalagala tebasanye kutangirwa kweyagalira mu ddembe ly'okufuna obujjanjabi, ebyobulamu byonna ebikwaata ku mibiri gyaabwe wamu n'okufuna obubaka ku kulwanyisa akawuka akaleeta mukenenya ssaako n'okujjanjaba obulwadde bw'amukenenya.

Ebitundu mu tteeka lino ebisaana okulongoosebwaamu

Newankubadde nga ssemateeka ly'etteeka essukkulumu mu ggwanga, wabula lisobola okukyusibwaamu olukiiko lw'eggwanga. Okusobola okukola ennongoosereza mu ssemateeka, Kyeetagisa okuleeta ebbago mu lukiiko neriyisibwa ebitundu bibiri ku bisatu eby'abakiise. Okussa amanyi mu kukuba ppokopoko kisobola okuyamba okunokolayo ensonga ezeetaaga okukolwaamu ennongoosereza mu Ssemateeka, okugeza nga okussaamu eddembe ly'okufuna obujjanjabi wamu n'enkola endala ez'eby'obulamu mu kawaayiro k'eddembe ly'obuntu. Omukutu omulala oguyinza okukozesebwa kwe kugenda mu kkooti etaputa Ssemateeka okugisaba etapute obuwaayiro obw'enjawulo mu Ssemateeka obwekuusa ku bantu abakozesa ebiragalalagala.

b] Amateeka agabagibwa olukiiko olukulu olw'eggwanga

Gano ge gaddirira Ssemateeka mu lukalala lw'amateeka mu Uganda era nga mw'ago mwemuli ago agavunaana abantu abakozesa ebiragalalagala era nga muno mulimu:

i) Eteeka Erifuga Ebiragalalagala Ebitamiiza wamu N'ebiwunza, 2015 (The Narcotic Drugs and Psychotropic Substances (Control) Act, 2015)

Etteeka lino lyabagibwa okusobola okugatta awamu n'okukyusa amateeka ag'ekuusa ku kuzesha wamu n'okuteleka ebiragalalagalalagala. Etteeka lirina ekigendererwa eky'enkizo eky'okulwanyisa okukukusa n'okutambuza ebiragalalagala. Etteeka era liteeka ekkomo ku nnima y'ebimera ebimu omuva ebiragalalagalalagala ebyo.

Etteeka lino era likkaatiriza enkola ey'okubonereza enkozesa y'ebiragalalagala mu ggwanga. Etteeka era ligenda mu maaso n'okussaawo ebibonerezo ebikakkali ku bantu abaasangibwa nga

7 CEHURD; "Advocating for the right to reproductive healthcare in Uganda: The Import of Constitutional Petition No. 16 of 2011" [Okulwaanirira Eddembe Ly'eby'obulamu mu By'okuzaala mu Uganda: Omusango Ogw'awaabibwa mu Kkooti Etaputa Ssemateeka nnamba 16 ogw'omwaaka 2011 Gutegeeza ki?] CEHURD, 2011 at p 20.

8 The Republic of Uganda, Ministry of Health *The Second National Health Policy: Promoting People's Health to Enhance Socio-Economic Development* [Enkola Y'eby'obulamu mu ggwanga ey'okubiri: Okutumbula omutindo gw'obulamu bw'abantu okusobola okutumbula Enkolaakulana]; Ministry of Health [Enkola y'ekitongole ky'eby'obulamu] 2010 at p. 1.

balina oba nga bakozesa ebiragalalagala. Ku musango ogwekuusa kubiragalalagala ebyogeddwaako mu tteeka lino, asingibwa omusango ogwo waakuwa engassi y'abukadde kkumi 10, 000,000 eza Uganda oba sseente ezeenkanaankana n'emirundi esatu egya bbeeyi y'ebiragalalagala by'akwaatibwa nabyo, oba okusibwa emyaka egiri wakati we kkumi ne abiri mu etaano oba okukola ebibonerezo byombi. Etteeka era lifuula okukozesa ebiragalalagala omusango omuli n'okweyambisa empiso okubikuba mu mubiri. Ebibonerezo bino byayongerwaamu amaanyi okuva bwebiyali mu mateeka agaliwo ngalino telinabaawo. Okw'ongeza ebibonerezo bino kituusa obubaka eri abantu bonna nti abantu abakozesa ebiragalalagala bakozi ba bikolobero era ab'etaaga okukaangavulwa n'amaanyi.

Etteeka eppya lirimu n'akawaayiro akakugira okutumbula enkozesa y'ebiragalalagala, ekintu ekiyinda okuleetera abasawo wamu n'abantu abatumbula enkola eyo okukeendeenza obulabe obuva mu kuzozesa ebiragalalagala okulemelerwa mu mirimu gino olw'okutya nti bayinza okusongwamu ennwe mbu b'enyigira mu kutumbula obumenyi bw'amateeka.

Etteeka lirimu obuwayiro obulala obulungi, naye n'obwo obuwayiro obulungi tebukoona ku nsonga enkulu nti okuteeka ebibonerezo ebikakali ku nkozesa y'ebiragalalagala tekiyamba mu kulwaanyisa kawuka ka mukenenya.

Etteeka lyogera ku kussaawo amalwaariro ag'enjawulo awabudaabudibwa n'okuzza obuggya abantu abaabeera bakoseddwa olw'okukozesa ebiragalalagala, okubawa obujjanjabi wamu n'endabirira. Etteeka ligaamba nti omuntu asobola okuteekebwa mu malwaariro gano ag'enjawulo okusobola okufuna obujjanjabi bw'aba nga asingiddwa omusango ogw'okukozesa ebiragalalagala nga omuntu, sso ssi abo abatuunda oba abakukusa. Okugamba nti omuntu okusobola okufuna obujjanjabi buno alina kuba nga asingiddwa omusango kireeta obuzibu kubanga abantu abalala ab'etaaga obujjanjabi buno bajja kutya okugenda mu malwaariro gano olw'okw'elariikirira nti bayinza okukwaatibwa ne bakubibwa mu mbuga z'amateeka. Embeera eno eja kubaviirako okw'eyongera okubeera ku bunkenke bw'okukwaatibwa akawuka ka mukenenya.

Etteeka era likoona ko katono ku buvunaanyizibwa bwa gavumenti okuteekawo enkola y'okulwaanyisa enkozesa y'ebiragalalagala wamu n'okujjanjaba n'okubudaabuda abakozesa ebiragalalagala. Akawaayiro kano kagamba nti gavumenti esobola okuteekawo enkola gamba nga okuzuula abantu abakozesa ebiragalalagala esobole okubaawula, okubajjanjaba, okubasomesa, okubawabula n'oluvannyuma okubayamba okweetaba mu balala nga bamaze okuteerera. Akawaayiro kano kalinga akatalowoozebwa ko nnyo, era nga essira kilabika nti etteeka liriteeka ku kukwaata batunda na bakukusa biragalalagala.

Okutwaliza awamu, okuddira okusangibwa n'ebiragalalagala okugufuula omusango kirina engeri gyekikosaamu eddembe ly'obuntu ery'abantu abakozesa ebiragalalagala⁹. Kireetedde abantu abakozesa ebiragalalagala okusuulibwa wamu n'okusosolebwa. Kino nekibeera kizibu okuddamu okubaterreeza wamu n'okufuna obujjanjabi obw'enjawulo. Okubeerawo kw'empiso wamu n'eddagala ery'enjawulo elisobola okuyamba omuntu abadde y'amanyiira okw'ekuba ebiragalalagala okubivaako byandiyaambyeeko nnyo okutumbula eby'enzijanjaba ya mukenenya wamu n'eb'obulamu bwaabwe obw'omubiri okutwaliza awamu. Naye olw'okuba nti okusangibwa n'ebiragalalagala musango, ebintu bino byonna kizibu okubisanga mu bifo eby'olukale mwebiteekeddwa okubeera.

⁹ Human Rights Awareness and Promotion Forum; "The Narcotic Drugs and Psychotropic Substances Control Act, 2015 and the Legal Regulation of Drug Use in Uganda: Analysing the Tension between criminal public health and human rights" [Etteeka Erikwaata ku Nkozesa y'ebiragalalagala Ebiwuunna wamu N'ebitamiza, wamu n'enkwaasisa y'amateeka ag'ekuusa ku kuzozesa ebiragalalagala mu Uganda: Okwekkaanya Enkolagana wakati w'amateeka, eby'obulamu n'eddembe ly'obuntu]; HRAFP, 2016 at page 56.

Ng'oggyeeko okubeera nti tewali nkola yonna egeenderera ku kendeza ku bulabe obuwa mu kuzozesa ebiragalalagala naddala mu songa z'okukebeza, okujjanjaba wamu n'okulwaanyisa akawuka akaleeta mukenenya mu bantu abakozesa ebiragalalagala, n'obujjanjabi obuliwo mu ggwanga naddala obukwata kusonga z'omubiri n'endwadde z'obukaba tebuweebwa bantu abakozesa ebiragalalagala. Olw'okuba nti okukozesa ebiragalalagala kimenya mateeka, abantu b'ennyini nabo batya okutuukirira abasawo nga balowooza nti bayinza okubabawaabira mu bakwasisa amateeka. Abantu bano nabo balina obweetaavu ob'enjawulo kuby'obulamu bwabwe naddala mu nsonga ez'okwegatta.

Okugeza abakazi abakozesa enjaga n'ebiragala ebiggwa mu kkowe eryo batera okulekeraawo okugenda mu songa z'ekikyaala, n'ekibabeerera kizibu n'okumanya singa baba bafunye embuto, ate nga era ebilagala ebyo eby'ekuusa ku njaga by'abulabe nnyo mu ku kendeza ku maanyi g'ekisajja¹⁰. Kale bambi obwetaavu buno bwonna tebukoleddwako. Abantu bano era baleseddwa okugenda okufuna obujjanjabi, okubudaabudibwa wamu n'okuweebwa amagezi ku ngeri y'okulwanyisaamu akawuka akaleeta mukenenya.

Abantu bano abakozesa ebiragalalagala bwebasibibwa mu makomera ku lw'ensonga ezeekuusa ku kuzozesa ebiragalalagala, okufuna obujjanjabi obw'enjawulo bwe beetaaga, n'okubudaabudibwa ku nsonga z'eb'y'obulamu mu by'okwegatta n'okuzaalala, wamu n'okuziyiza, okukebeza n'okuweweeza ku bulwadde bwa mukenenya ky'eyongera okuba ekizibu ddala. Ebyo nga bikyaali awo, abantu abasibibwa mu makomera batera okufuna obuzibu kubanga oluusi batusiibwaako obuliisa manyi okuva mu basibe bannaabwe, eky'ongera okubateeka ku bunkeenke obw'okufuna akawuka ka mukenenya¹¹.

Olwokuba nti okukozesa oba okukwatibwa n'ebiragala kimenya mateeka, kino kizinjanyama eby'enfuna yaabwe ekintu eky'ongera okuteeka obulamu bwabwe mu matigga.

Kale embeera bw'osinziira ku nsonga eno eyongera okukalubuliza ennyo nekibeera kizibu nnyo abantu bano okweyunira amalwaliro okufuna obujjanjabi wamu n'okulwanirira eddembe lyabwe n'okulwaanirira okulongoosa mu mateeka naddala agabanyigiriza¹².

Ebitundu mu tteeka lino ebisaana okuloongoosebwaamu

Kyetaagisa nnyo okulwaana okulaba nga etteeka lino lirongooseebwaamu lileme kubonereza bakoze biragalalagala wamu naabo ababeera n'ebiragalalagala nga byaabwe nga abantu, awatali kwaagala ku bituunda, kisobola okubeera ekyangu okulwaanyisa n'okujjanjaba akawuka ka mukenenya mu bantu abakozesa ebiragalalagala.

Era kyetagisa nnyo okulwaana okulaba nga amateeka gatereezebwa okuteekawo emiteendera mu bulambulukufu egypteekawo enkola ezikeendeeza ku bulabe abantu abakozesa ebiragalalagala

10 International Network of People Who Use Drugs (INPUD) and Global Network of People Living with hiv (GNP+) *Advancing the Sexual and Reproductive Health and Human Rights of Injecting Drug Users Living with HIV: a Policy Briefing* [Okutumbula Eby'obulamu mu Kuzaala n'okwegatta wamu n'eddembe ly'abantu ab'ekuba ebiragalalagala mu mpiso ng'ate b'alina n'akawuka ka mukenenya: Enteeekateeka]; INPUD and GNP+ (Alipoota ya INPUD, ekitongole ekikola ku bantu ab'ekuba ebiragalalagala mu nsi yonna, wamu ne GNP+, ekitongole ekigatta abantu abalina akawuka ka mukenenya mu nsi yonna], 2010 p.6.

11 UNAIDS and wORLD hEALTH organisation Inter-agency Working Group on Key Populations, "HIV and Young People Who Inject Drugs: A Policy Brief" [Mukenenya mu Bavubukua Ab'ekuba Ebiragalalagala mu Mpiso: Enteeekateeka] UNAIDS and WHO, 2013 p.14.

12 Human Rights Awareness and Promotion Forum *The Narcotic Drugs and Psychotropic Substances Control Act, 2015 and the Legal Regulation of Drug Use in Uganda: Analysing the Tension between criminal public health and human rights* [Eteeka Erikwaata ku Nkozesa y'ebiragalalagala Ebiwuunza wamu N'ebitamiza, wamu n'enkwasisa y'amateeka ag'ekuusa ku kuzozesa ebiragalalagala mu Uganda: Okwekkaanya Enkolagana wakati w'amateeka, eby'obulamu n'eddembe ly'obuntu]; HRAPF, 2016, p. 40-41.

bw'ebatera okufuna mu muze ogwo. Enkola zino zisaana neziba nga omuntu yena azeetaaze asobola okuzifuna wadde nga kkooti ssi y'emusiindise oluvannyuma lw'okusinzibwa omusaango. Enkola za gavumenti zino zeetaaga okulaga nti enkola ey'okukeendeeza obulabe ya mugaso nnyo ku bantu abakozesa ebiragalalagala naddala mu nsonga y'okubabudaabuda n'okulwaanyisa akawuka ka mukenenya mu bantu bano. Ky'etagisa nate era okulaba nga amalwaariro ga gavumenti agawa abantu empeereza eno ey'okukeendeeza obulabe ga gaziyibwa negasobola okuba nga gakola ku buli muntu eyeetaaze empeereza eno, okusobola okumalawo okusosolebwa mu by'eby'obulamu abantu abakozesa ebiragalalagala kwe batera okusanga.

Etteeka era lisaana liroongoosebwe mu okujjama akawaayiro akakugira okutumbula enkozesa y'ebiragalalagala, oba waakiri ebiragiro bikolebwe ku tteeka lino ebiraga nti omuntu yenna aweereza obuweereza abantu abakozesa ebiragalalagala nga mu by'obujjanjabi wamu nemu nkola ey'okukeendeeza obulabe obuva mu kukozeza ebiragalalagala tatwaalibwa nga mumenyi w'amateeka.

ii) **Etteeka ku kitongole ekivunaanyizibwa ku ddagala mu ggwanga n'ekiwandiiko kya Gavumenti ekitongole ku kukozeza e ddagala, 2006 (The National Drug Authority and Policy Act, 2006)**

Etteeka lino ly'elirunnamya ku by'eddagala mu Uganda. Muno mulimu obuwaayiro bungi obukosa bantu abakozesa ebiragalalagala.

Etteeka likyasanguza nti omuntu yenna asangibwa n'ebiragalalagala ng'oggyeeko abasuubuzi oba aba lejjalejja abalina olukusa abeera azzizza omusango era bw'egumusinga asobola okusasula engasi etasukka bukadde bubiri 2,000,000 shs oba okusibwa emyaka egitasukka etaano oba okukola byombi.

Era etteeka likyasanguza nti tewali muntu yenna akkirizibwa kubeera nabiragalalagala nga tayise mu mateeka. Obuwaayiro buno butegeeza nti kimenya mateeka omuntu okubeera n'ebiragalalagala ne bwekaba katono katya wadde nga kake ng'omuntu.

Ebitundu mu tteeka lino ebisaana okuloongoosebwa

Etteeka kati ekkulu ku kukozeza n'okubeera n'ebiragalalagala kati lye **Etteeka Erifuga Ebiragalalagala Ebitamiiza wamu N'ebiwuunza, 2015 (The Narcotic Drugs and Psychotropic Substances (Control) Act, 2015)** era lino lye lyetaaga okutekebwaako esira kubanga lilina ebibonerezo ebikakali.

iii] **Etteeka ekkulu ku Bumenyi Bw'amateeka (Penal Code Act)**

Etteeka lino lyerilambika emisango egisinga mu Uganda era lirina obuwaayiro obwekuusa ku by'obulamu eby'okweggata n'okuzaala, wamu n'okuziyiza, okujjanjaba akawuka ka mukenenya n'okubudaabuda abo abakalina mu bantu abakozesa ebiragalalagala..

Obuwayiro obufuula omulimu gwa 'Neekolera gyange' okuba nga gumenya mateeka.

Obuwaayiro okuva ku 136 okutuuka ku 139 mu tteeka lino bugamba nti omulimu gwa

'Neekolera gyange' wamu n'ebikorwa ebirala eby'ekuusa ku nkola eyo bimenya mateeka. Kino kikalubya embeera y'abantu abakozesa ebiragalalagala kubanga ebiseera ebisinga osanga nga gwe mulimu gwokka gwebasobola okwetaba mu. Omulimu guno olw'okuba nti gumenya mateeka, kiviirako abagukola, ate nga abasinga obungi baba bakozesa ebiragalalagala bino, okukwaatibwa n'okusibibwa awatali nnyo nsonga nkulu so n'okutulugunyizibwa.

Okufuula omulimu gwaabwe ekimenya amateeka ky'ekivaako okw'eyongera mu kusosolebwa abantu abakozesa ebiragalalagala kw'ebatera okulaba, era kino kibaviirako okw'ongera okw'ewala amalwaariro gy'ebandifunye obujjanjabi bw'ebetaaga¹³.

Olwokuba nti omulimu gwa 'neekolera gyange' gumenya mateeka, abantu abakozesa ebiragalalagala b'esaanga kubweerende obuyitirivu obw'okukwaatibwa akawuka akaleeta mukenya kubanga kibabeerera kizibu nnyo okulemera ku nsonga y'okukozesa akapiira ka kalimpitawa nga bali mu kikulwa ekyokwegatta, era kibaleetera n'obuzibu obw'okubanga batera okutuusibwaako obuliisa manyi oluusi okuva mu bagula emirimo gyabwe, aba poliisi oba ne basibe bannaabwe singa baba nga bakwatiddwa.

Akawaayiro akatoondawo omusango ogw'obwa kilereesi

Obuwaayiro 167 ne 168 obw'etteeka lino bulambika lunye nti omuntu yenna asangibwa nga kilereesi aba amenye tteeka. Obuwayiro buno bugazi nnyo era kizibu okutegeera ki kye bugenderera.

Obuzibu webuva ku kawaayiro kano nti abaserikale bakakozesa okukwaata abantu ababalabikira nga abakozesa ebiragalalagala oba abali mu bifo by'ebannyi nga ewabeera abakozesa ebiragalalagala ssinga kisaangibwa nga tewali bujulizi bumala kumuggulako musango gw'akukozesa oba kubeera na biragalalagala mu tteeka erifuga enkozesa y'ebiragalalagala..

Gano mateeka gasaana okuterezebwa mu kubanga ebiseera ebisinga gabanga agayigganya abantu naddala abasinga okubeera ku bukenke bw'endwadde nga mukenya ate mu ngeri etali ya bwenkanya, ekibaleetera okulekebwa ebbali n'okusosolebwa ku nsonga y'obujjanjabi.

Obuwaayiro era bwongera okuleeta okutya n'okuswaazibwa wamu n'okusosolebwa kw'abantu abakozesa ebiragalalagala olwo kunkomerero ne baba nga tebasobola kwerwaanako ku nsonga z'eby'obulamu n'obujjanjabi wamu n'okubudaabudibwa.

Ebitundu mu Tteeka lino eby'etaaga okuloongoosebwaamu

Waliwo obwetaavu bw'okwetegereza obuwaayiro bw'etteeka lino mu kkooti z'amateeka, wamu n'okulwaanyisa obuwaayiro obw'ogeddwaako okulaba nti olukiiko lweggwanga luvaayo ne lukola ennongoosereza kubanga etteeka terituukiriza by'etaaga bya Ssemateeka.

Era kyetaagisa okulwaana okukakasa nti eddembe ly'abantu abakwaatibwa wansi w'etteeka lino liweebwa ekitiibwa, naddala nga abantu abo bali ku bunkenke okusiinga abantu abalala, gamba nga abakozesa ebiragalalagala, kubanga bbo ebiseera ebisinga tebasobola kweelwaanako naddala mu bakwaasisa amateeka.

¹³ Human Rights Awareness and Promotion Forum *Legal Regulation of Sex Work in Uganda: Exploring the Current Trends and Their Impact on the Human Rights of Sex Workers* [Amateeka Agakwaata ku mulimu ogw'okutuunda akaboozi mu Uganda: Likwaasibwa litya ennaku zino, era kino kikosa kitya eddembe ly'obuntu ery'abo abatuunda akaboozi?]; HRAPF, 2016, p.43-45.

iv] Eteeka ku kuziyiza n’okulwanyisa akawuka akaleeta mukenenya (*HIV Prevention and Control Act, 2014*)

Ekigendererwa ky’etteeka lino kwe kulaba nga waliwo enkola ey’okukuuma, okubuulirira, okukebeza, wamu n’okujjanjaba abantu bonna abalina akawuka akaleeta mukenenya. Eteeka lino lirimu obuwaayiro bungi obulemesa abantu abakozesa ebiragalalagala okufuna empeereza ey’eby’obulamu ebikwaata ku kwegatta n’okuzaala wamu n’okuziyiza, okukebeza, okubudaabuda n’oijjanjaba mukenenya.

Obuwaayiro obulungi mu tteeka lino.

Etteeka lirina obuwaayiro obulungi bungi obw’andiyaanguyiriza abantu abakozesa ebiragalalagala okusobola okufuna empeereza ekwata ku kuziyiza, okukebeza wamu n’okujjanjaba mukenenya. Muno mulimu okubudaabudibwa oba okubuulirirwa nga omuntu agenda okw’ekebeza era ne bwaaba nga amaze okwekebeza akawuka akaleeta mukenenya, n’okulwanyisa obusosoze mu mirimu, mu masomero ne mubifo by’obujjanjabi nga byekuusa ku mbeera y’omuntu ku nsonga ya mukenenya. Eteeka lino era liteeka omulimu ku gavumenti okulaba nga buli muntu afuna empeereza ku nsonga zonna ezikwaata ku mukenenya awatali kusosolebwa, nti abantu bonna ababa bateekeddwa ku bunkeenke bw’okufuna mukenenya baweebwa ku bwereere obujjanjabi obw’amangu obuyiinza okubaziyiza okufuna mukenenya, okusomesa buli muntu ku ddembe ly’abantu abalina akawuka ka mukenenya wamu n’okukakasa nti abantu abalina mukenenya tebelekebwa mabega mu nkola za gavumenti.

Obuwaayiro buno bukulu nnyo mu kutangira okusosolebwa abantu abalina akawuka akaleeta mukenenya, nga muno mwe muli n’abantu abakozesa ebiragalalagala, kw’ebatera okutuusibwaako, era kisaanidde nti abantu abo bamenye etteeka lino basobola okulwaanirira eddembe lyaabwe nga bw’ekisoboka.

Etteeka lino likubiriza Gavumenti okuwa enkizo okusingira ddala abantu abali ku bweerende okugeza nga, abavubi, abasibe, ababundabunda wamu n’abantu abalala bonna minisita baliba alaangiridde nti bali ku bweerende. Abantu abakozesa ebiragalalagala tebogerwaako mu teeka lino. Wabula nga wadde abantu abakozesa ebiragalalagala bbo tebakooneddwaako, obuwaayiro buno busobola okukozesebwa okubalwaanirira okuteekebwa ku mwanjo kubanga aba *UNAIDS* wamu ne Gavumenti ya Uganda b’abanokolayo dda nga abantu abali ku bweerende¹⁴.

Obuwaayiro obw’obulabe.

Waliwo obuwaayiro obw’obulabe obuyinza ate okulemeseza ddala abantu abakozesa ebiragalalagala okugenda okufuna obujjanjabi n’okubudaabudibwa. Muno mulimu okukebeza omuntu omusaayi mu buwaze singa aba ng’avunaaniddwa omusango gwonna ogulwata kubyokwegatta; okugaamba nti kimenya mateeka omuntu yenna okusiiga oba okugezaako okusiiga munne akawuka ka mukenenya mu bugenderere; n’okukkiriza abasawo okwaasanguza obikwaata ku muntu alina akawuka ka mukenenya wadde nga ye abeera takkiriza kikolebwe. Obuwayiro bunno buleeta obuzibu kubanga abantu abakozesa ebiragalalagala wamu n’abo abali ku bweerende bajja kutya okw’ekebeza, nanti omuntu atamanyi nti alina akawuka tasobola kusingibwa musango guno.

¹⁴ UNAIDS *UNAIDS Terminology Guidelines* [Okunyonnyola Ebigambo Ebikaluba] UNAIDS 2015 8; and Republic of Uganda Ministry of Health *Addendum to the National Antiretroviral Treatment Guidelines* [Ekiwaandiiko Ekiyoongereza Ku Mitendera Egy’okuweereza Mu Ubujjanjabi Obuweereza Akawuka Ka Mukenenya]; The Government of Uganda [Eky’ayisibwa Ekitongole Ky’eby’obulamu Mu Ggwanga]; 2013 18.

Ebyo nga bikyaali awo, akawaayiro akagamba nti kimenya mateeka okugezaako okusiiga omuntu omulala akawuka ka mukenenya mu bugeenderere kalina obuzibu kubanga enzivuunula yaako elabika okuba nga ngazi nnyo era nga kayiinza okw'eyambisibwa abakwasisa amateeka okuggula emisango ku bantu abasosolebwa ate nga bali ku bukenke bwa maanyi nnyo okukwaatibwa akawuka ka mukenenya. Muno mw'emuli n'abantu abakozesa ebiragalalagala.

Ekizibu ekirala ekiri mu tteeka lino kiri mu kawaayiro akagamba nti omusawo akkirizibwa okwasanguza ebiva mu kukebera omusaayi newankubadde nga akebeddwa takkiriza, kubanga enkola eno eggya kwongera okulemesa abantu abakozesa ebiragalalagala okugenda okw'ekebeza olw'okutya nti ebinaava mu kw'ekebezabiggya kubululirwa abantu abalala. Obuwaayiro buno bwonna bw'ongera kulemesa bantu abakozesa ebiragalalagala okw'ettanira okunoonya obujanjabi n'empeereza endala ezikwaata ku kawuka ka mukenenya.

Amagezi ag'ekikugu

Omusango gwaggulwaawo mu kkooti etaputa ssemateeka nga guwakanya obuwaayiro obw'obulabe mu teeka lino. Abantu abakozesa ebiragalalagala basabibwa kwongera amaanyi mu kuwagira omusango guno okulaba nga ennoongoosereza ekolebwa mu tteeka eryo era nga n'obuwaayiro obw'obulabe buterezebwa okusobola okumalawo okunyigirizibwa abantu abakozesa ebiragalalagala kw'ebayita mu.

VJ. Eteeka erifuga ebibiina by'obwanakyeewa (*The Non-Governmental Organisations Act 2016*)

Etteeka lino lyagunjibwawo mu mwezi ogwokusatu omwaka 2016 okusobola okulunganyama entambula y'emirimu egikolebwa ebibiina by'obwanakyeewa. Etteeka lino lirimu obuwaayiro bubiri obuyinza okulemesa ebitongole by'obwa nakyeewa ebiweereza abantu abakozesa ebiragalalagala okusigala mu nkola mu mateeka.

Obuwaayiro buno bw'ebuteeka obuvunaanyizibwa obw'enjawulo ku bitongole by'obwa nakyeewa, wamu n'okutangira okuwaandiisa ebitongole ebirina ebigendererwa ebikontana n'amateeka.

Buno obuwaayiro bukugira ebibiina okwenyigira mu mirimu egirabika okuba nti gyiteeka eby'okwerinda by'eggwanga wamu n'ekitiibwa kya bana Uganda mu lusuubo. Ekitongole ekikola ku kuwandiisa ebibiina by'obwanakyeewa kirina obuyinza okugaana okuwandiisa ekibiina kyonna ekiba n'ebigeendererwa nga bikoontana n'amateeka ga Uganda. Ekibiina kyonna ekiba kivuddeyo okuwa obuyambi wamu n'empeereza mu bantu abakola ebintu ebirabika nga bimenya amateeka nga okukuuma wamu n'okukozesa ebiragalalagala kisobola okutwaalibwa nga ekitongole ekirina ebigendererwa ebikontana n'amateeka wamu n'ekitiibwa ky'abana Uganda.

Kino kitegeeza nti etteeka lino lisobola okuyimiriza ekibiina ekiwa obujanjabi wamu nokubudaabuda ku nsonga zakawuka akaleeta mukenenya eri abantu abakozesa ebiragalalagala wamu n'ebibiina ebirala ebivaayo okuwagira n'okulwanirira eddembe ly'abantu abakozesa ebiragalalagala, okubasomesa n'okubasobozesa okulwanirira eddembe lyaabwe.

Ebitundu mu tteeka lino ebisaana okuloongoosebwaamu

Ky'etaagisa nnyo okukola ennongoosereza tteeka lino okusobola okuggyamu obuwaayiro obukooneddwako, oba okusaba kkooti etaputa ssemateeka okujungulula obuwaayiro obwo. Kyetaagisa nate era okukwaatagana n'ekitongole ekiwaandiisa ebibiina by'obwa nakyeeewa, ekitongole ky'ebyobulamu nekitongole ekikwasaganya enkola ez'okulwaanyisa akawuka kamukenenya mu ggwanga okukakasa nti etteeka lino terikozesebwa kutulugunya bibinja by'abantu abamu abali kubweerende okugeza nga abantu abakozesa ebiragalalagala.

V] Etteeka erikwaata ku Kakiiko Akakola ku nsonga z'obwenkanya, erya 2007 (Equal Opportunities Commission Act 2007)

Ekitoongole ky'eby'obulamu muni yonna [WHO] kikubiriza gavumenti zonna muni okukola amateeka agamalawo obusozoze n'obutali bw'enkanya naddala mu bantu abali ku bweerende nga emu ku ngeri eziggya okuyamba mu kulwaanyisa akawuka ka mukenenya. Uganda yateekawo etteeka lino erigeendelera okutumbula obwenkanya n'okumalawo okusosolebwa olw'ensonga nga ekika ky'omuntu, ekikula, ensibuka, eby'enfuna oba eby'ebulamu era n'okutumbula enkola za gavumenti zonna eziyamba okulaba nga abantu abasosolebwa bayambibwa okufuuna by'ebetaaga nga abantu abalala. Etteeka lino litonda wo akakiiko ak'okutumbula omwenkanoonkano. Akakiiko kano. Kaweereddwa amaanyi okunoonyereza ku kwemulugunya okuleetebwa okwekuusa ku busozoze wamu n'okuboolebwa, n'okwekebejja gavumenti, ebitongole by'ayo wamu n'enkola zaayo okulaba nti temuba busozoze wamu n'okubeera abenkanya eri buli muntu yenna awatali kusosola.

Wadde ng'okuviira ddala ku ntandikwa abantu abamu abasosolebwa baali tebasobola kweeyambisa kakiiko kano olw'akawaayiro akaali kakugira akakiiko okukola ku nsonga ezirowoozebwa okuba nga zimanya mateeka oba nga zeessitaza, kino kyaakyusibwa Kkooti etaputa Ssemateeka mu musango ogwawaabibwa *Adrian Jjuuko* (ssenkulu was HRAPF) era Kkooti n'egamba nti kaali kakontana ne Ssemateeka kubanga kaali kasosola.

Ebitundu mu tteeka lino ebisaana okuloongoosebwaamu

Olwokuba nti kkooti yasalawo nti abantu bonna nga kwotadde naabo abakozesa ebiragalalagala baddembe okutuukirira akakiiko nga banyigiriziddwa, abantu abakozesa ebiragalalagala basaana bakozese akakiiko kano okukakasa nti enkola eno bagifunamu nnyo okusobola okumalirawo ddala obutali bwenkanya wamu n'okusosolebwa okubakolebwaako mu bifo awajjanjabirwa.

C] Amateeka agava mu nsalawo z'abalamuzi, n'obwenkanya

Tewaliiwo nsalawo za kkoti oba amateeka ag'obwenkanya, agogeera ku bakoesa ebiragalalagala mu Uganda. Kooti ezitapita amateeka tezifunanga mukisa kusalawo kunsonga zino mu Uganda.

D] Amateeka agava mu by'obuwangwa ne nnono

Amateeka gano gava mu bulombolombo, empisa, n'obuwangwa eby'abantu b'omu Uganda.

Etteeka lino terikoonanga ku nsonga ya kukozeza biragalalagala oba okusangibwa nabyo¹⁵. Olwokuba nti mu byobuwanga ne nnono wano mu Uganda tegaabonerezanga bantu lw'akukozeza biragalalagala y'emu ku nsonga eziwagira kaweeefube w'okukyuusa etteeka okulekeraawo okubonereza abakozesa ebiragalalagala.

2.3. Biwandiiko ki ebitongole ebya gavumenti ebyekuusa ku kufuna obujjanjabi ku kawuka akaleeta mukenenya wamu nokubudaabudibwa mu bantu abakozesa ebiragalalagala?

Waliwo ebiragiro bingi ebyekuusa ku by'obulamu ebikwatagana n'okwegatta wamu n'okuzaala mu bantu abakozesa ebiragalalagala, wamu n'engeri gy'ebasobola okufuna empeereza ku kuziyiza, okukebeza wamu n'okujjanjaba, akawuka akaleeta mukenenya era nga muno muli mu:

1. **Ekiwandiiko kya Gavumenti ekitongole ekikwata ku byobulamu: (The second National Health Policy, 2010)**

Kino kiwandiiko kya gavumenti ekyakolebwa n'ekigendererwa ekyokusitula omutindo gwe by'obulamu bw'abantu bonna mu ggwanga wamu n'okubeera n'obulamu obweyagaza. Ekiwandiiko kino kigenderera okwongera amaanyi mu ntegeka n'enzirukanya y'ebitongole ebikola ku by'obulamu n'okulongoosa ku ngeri abantu gye batusiibwaako obujjanjabi. Ekiwandiiko kiraga nti Uganda erina enteekateeka okulaba ng'ekendeeza n'okusaanyaawo obutali bwenkanya mu by'obulamu kigisobozese okulwanyisa akawuka akaleeta mukenenya. Ekimu ku bitunuulirwa mu kiwandiiko ng'ebyetaaga okukolebwaako okutumbula eby'obulamu mu ggwanga ye nneyisa yabantu. Ebiseera ebisinga enneeeyisa y'abantu yetoondawo ebibinja by'abantu ab'olubatu.

Ekiwandiiko wabula tekyeyongerayo kunnyonyola ku ngeri enneyiisa y'abantu gyetoondawo ebibinja bino n'engeri gyebisosolwaamu okugeza nga abantu abeeyisa mu ngeri eyawukana ku butonde bwaabwe. Ekiwandiiko kino era tekiwaawo magezi ku ngeri okusosolebwa n'okunyomebwa okwo gyekuyinza okumalibwaawo. Wabula, ekiwandiiko ky'ogera ku buzibu abakazi n'abantu abalina obulemu ku mubiri bwebasanga okutusibwaako obujjanjabi. Ekiwandiiko kikubiriza okwongera okukola okunoonyereza okusobola okussaawo ekisinzirwaako okukola ku nsonga z'abantu ab'olubatu. Wabula ekiwandiiko kino tekyoogera ku bakozesa ebiragalalagala era tekiraga nti beebamu ku bantu abasosolebwa mu bintu by'obujjanjabi abetaaga okukolebwaako mu ngeri ey'enjawulo.

Enkyuukakyuuka ez'etagisa

Waliwo obw'etaavu okukuba pokopoko okulaba nga ekiwandiiko kino kikyusibwaamu katono abantu abakozesa ebiragalalagala bogerweeko nga abantu abalina eby'etaago eby'enjawulo.

¹⁵ The United Kingdom Dangerous Drugs Act of 1920 and the United Kingdom Pharmacy and Poisons Act of 1933 became part of the law of Uganda after their enactment by virtue of the 1902 Order-in-Council [Etteeka Erikwaata ku biragalalagala eby'obulabe e Bulaaya, Etteeka Erifuga Amatuundiro g'eddagala n'obutwa mu Bulaaya gona gaafuuka kitundu ku mateeka ga Uganda okuva abafuzi b'amatwaale bwebaasalawo okutuwa amateeka gaabwe gona okuva mu 1902].

2. Ekiwandiiko ekitongole ku byobulamu ebikwatagana n'okwegatta (The National Policy Guidelines and Service Standards for Sexual and Reproductive Health and Rights, 2012)

Ekiwandiiko kino kigendererwa okuyamba mu kutegeka, okutumbula wamu n'okuweereza abantu mu nsonga z'eddembe ery'eby'obulamu obukwata ku kwegatta wamu n'okuzaala. Ekiwandiiko kino kiraga bulungi ebigeendererwa n'ensonga enkulu ezisimbiddwaako essira mu nkola y'eggwanga ennambulukufu ey'okulwaanyisa mukenenya n'enkola y'eggwanga elambika engeri sseente ezigeenda mu by'obulamu bwe zikozesebwa.

Wadde nga enkola eno nnuungi nnyo kubanga erabika nga eggya kutuumbula empeereza y'eby'obulamu ku nsonga z'okwegatta n'okuzaala abantu basobole okuba nga banyumirwa eddembe lino, tekoona ku bantu abakozesa ebiragalalagala. Abantu bano balina eby'etaago eby'enjawulo ebisaana okw'ogerebwaako mu butongole ate nga by'awuddwa ku by'abantu abalala.

Enkola eno ekwaata ne ku bantu abasobola okufuna empeereza y'okuggyamu embuto nga muno mulimu abakyaala ab'embuto abalina obulwadde mu mubiru obuteeka obulamu bwabwe mu katyabaga, wamu n'abakyaala abalina akawuka akaleeta mukenenya. Olubuto era lusobola okugyibwaamu singa kizuulibwa nti omwana alina obuzibu obw'amanyi era nga kiyinza okubeera ekizibu ennyo omwana oyo okusigaza obulamu nga abadde azaaliddwa. Olwokuba nti abantu abekuba ebiragalalagala bali ku bunkeenke bw'amanyi nnyo okukwaatibwa akawuka akaleeta mukenenya era nga n'okw'ekuba ebiragala kikosa omubiri era nga kiyinza n'okukosezaamu enkula y'omwana ali mu lubuto, weesanga nga abakyaala abengeri eno abakozesa ebiragalalagala nga bali mbuto basobola okukozesa omwaganya guno ssinga b'esanga nga bandiyagadde okuggyamu olubuto.

Ensonga endala enkulu ennyo era ennungi mu nkola eno y'engeri ekiwandiiko gy'ekikulembezaamu empeereza y'eby'obulamu obukwaata ku kwegatta n'okuzaala wamu n'enkola ey'okuziyiza n'okujjanjaba mukenenya nga byombi bikwaatibwa wamu. Kino kitegeeza nti omukyaala ageenze mu ddwaaliro okugeza nga okweekebeza kookolo w'omumwa gwa nnabaana oba okukebera alabe oba ali lubuto aweebwa n'omukisa okw'ekebeza akawuka ka mukenenya; n'omuntu agenda mu ddwaaliro okunona eddagala eriweweeza ku mukenenya aggya kusanga nti omusawo amubuuzza ku by'etaago bye nga omuntu mu nsonga z'eby'obulamu ku by'okwegatta n'okuzaala asobole okuyambibwa.

Ebituundu ebisaana okukyuusaamu

Abantu abakozesa ebiragalalagala basaana okufuba okulaba nga enteekateeka eno ebakoono ko wamu n'okwogera ku by'etaago byaabwe eby'enjawulo.

3. Enteekateka Y'okulwanyisa Akawuka Akaleeta Mukenenya 2015/2016/-2019-2020[2015] Wamu Nenteekateeka Yokusoosowaza Okulwanyisa Mukenenya Mu Ggwanga 2015/2016-2017/2018 (National HIV and AIDS Strategic Plan 2015/2016 – 2019/2020 and the National HIV and AIDS Priority Action Plan 2015/2016 – 2017/2018)

Ebiwandiiko bino bye birimu enteekateeka ya gavumenti okulwaanyisa akawuka akaleeta

mukenenya nge'ra biraga gavumenti kyegeenda okukola wakati w'omwaka 2015 ne 2020. Ekigendererwa ky'ebiwandiiko bino kwe kulambika engeri eggwanga gyelirina okukwasaganya ensonga z'akawuka akaleeta mukenenya n'okulaba nti ebikolebwa gavumenti okulwaanyisa akawuka bikwaatagana n'ebintu ebikaleetede okusaasanyibwa ennyo. Ebiwandiiko bino biraga biki ebirina okusosowaazibwa mu myaaka esatu egisooka egy'enteekateeka eno. Ebiwandiiko bino bikakasa nti okusaasaana kw'akawuka akaleeta mukenenya ate kwegiriisa nnyo mu bantu abali ku bwerende era abatafiibwaako okugeza ba 'Nekolera gyange', abasajja abegatta mu by'omukwano ne basajja bannaabwe, wamu n'abakola omulimu gw'okuvuga Bodaboda.

Ekiwandiiko era kinokolayo nti okusaasaanyizibwa kw'akawuka akaleeta mukenenya oluusi kweesigama ku mbeera y'eb'efuna, embeera z'obuntu wamu n'enkula y'abantu. Enkola era eyogera n'ekuteeka erilwaanyisa ensaasaana y'akawuka ka mukenenya, ly'egamba nti ly'abulabe kubanga lirimu obuwaayiro obuyinza okw'ongera ku kusosolebwa okw'esigama ku nsonga y'obulwadde bunu.

Ekirungi ku kiwandiiko kino kiri nti liteeka ebibinja by'abantu abali ku bweerende ku mwanjo mu kulwaanyisa mukenenya nga eyita mu nkola ey'okukebeza wamu n'okubuulirira abantu ku nsonga za mukenenya, okubudaabuda mu ngeri eyenjawulo abantu abali ku bweerende wamu n'okulwaanyisa obusosoze n'okuboolebwa mu bantu bano.

Kya nnaku nti enkola teyogera mu lwaatu ku bantu abakozesa ebiragalalagala naye nga tusobola okugyikozesa okulwaana okulaba nga abantu bano bafuna enkola ezibayamba ku buzibu bwaabwe obw'enjawulo.

Ebitundu eby'etaaga okuloongoosebwaamu

Abantu abakozesa ebiragalalagala basaanye batuuze ekitongole ky'eb'obulamu ku mmeeza balabe nga nabo boogerwaako mu nkola zino okukakasa nti eby'etaago byaabwe bikolwaako.

4. Enteekateeka y'okwekebeza n'okubudaabuda abalina akawuka ka mukenenya mu Uganda 2010 (Uganda HIV Testing and Counseling Policy 2010)

Entegeka eno egendererwa kulwaanyisa nsaasanya ya kawuka ka mukenenya nga eyita mu kukebeza abantu basobole okumanya bwebayimiridde, ate n'okutumbula embeera y'obulamu bwaabwe nga tuyita mu ku bayamba okufuna empereza y'okuziyiza, okujjanjaba mukenenya wamu n'okubudaabuda abo abamulina. Ebikulu mu nkola eno kwe kutuusa obujjanjabi ku bantu, eby'obulamu wamu n'okukwasaganya ku nsonga ezekuusa ku mateeka omuli eddembe ly'obuntu, okusosolebwa n'ebibinja ebiri ku bwerende.

Enkola eno etuunulira enkola ey'eddembe ly'obuntu mu kukebeza akawuka ka mukenenya okuyita mu kukeendeeza okusosola n'okuboola mu mpeereza. Enkola eno egamba nti empeereza ekwata ku kukebera n'okujjanjaba mukenenya etuunulire eby'etaago by'abantu abali ku bweerende. Wadde nga teyogera ku bantu abakozesa ebiragalalagala, abantu bano nabo bali ku bweerende n'olw'ekyo babalibwa mu ntegeka eno.

Ebitundu ebisaana okuloongoosebwaamu

Wadde nga enkola eno essa kimu n'omutindo gw'ensi yonna, wakyaliwo omwaaganya okufuba okugizza obugya esobole okukwata ku nsonga z'obwetaavu bw'abantu naddala abekuba

ebiragalagala¹⁶, era ky'etaagisa nnyo okukakasa nti enkola eno eteekeddwa mu nkola.

5. Enteekateeka yokuwa obujjanjabi obwamangu ddala ku muntu okusobola okutangira mukenenya, Hepatitis B ne Hepatitis C (2007) (The National Policy Guidelines for Post Exposure Prophylaxis (PEP) for HIV, Hepatitis B and Hepatitis C, 2007)

Oluvannyuma lw'omuntu okuteekebwa ku bunkeenke bw'okwatibwa akawuka akaleeta mukenenya nga omu musaayi gwe oba amazzi gonna ag'omubiri geegasse n'agomulala ateeberezebwa okuba n'akawuka kano, waliwo ebbanga eriri wakati w'essaawa 48 ne 72 omuntu mw'asobola okuvumulwa ekirwadde ekyo era nekiba nga mumubiri tekiriimu.

Eno enzijanjabo ekeendeereza ddala emikisa gy'omuntu okulwala mukenenya singa ebeera emuweereddwa nga ebbanga lino terinaba kuggwaako.

Enteekateeka eno ewabula ku nziyiza y'akawuka akaleeta siriimu, Hepatitis B ne Hepatitis C oluvannyuma lw'akawuka okuyingira mu mubiri. Enkola eno etunuulira basawo, bakinyoozi, abantu ababa batuusiddwaako obuliisa manyi, n'abaserikale ba poliisi. Enteekateeka eno ate yo tetunuulira nnyo bantu bali ku bwerende nga abantu abeetaaga enzijanjabo eno, n'olwekyo eby'etaago byaabwe tebikwaata ko. Mu bantu abayinza okuteekebwa ku bunkeenke nga tekivudde ku mirimu gyaabwe eyogela ku bantu abatuusiddwaako obuliisa manyi bokka. Abantu ababeera ku bunkeenke olw'okubanga b'ekuba ebiragalalagala tebaliimu wadde mu nkola eno.

Ebitundu ebisaana okuloongoosebwaamu

Kyetaagisa nnyo okuyingiza abantu ab'ekuba ebiragalalagala mu nteekateeka eno kubanga nabo b'etaaga obujjanjabi buno olw'okuba nti bali ku bunkeenke bw'amanyi okukwaatibwa mukenenya.

6. Enkola ey'okujjanjabo mukenenya

Uganda yazingira wamu ensonga z'okujjanjabo mukenenya wamu n'enkola ku ndabirira y'omwana n'okumalawo okutambuza akawuka ka mukenenya okuva ku maama okudda ku mwana mu kiwandiiko kimu¹⁷. Ekiwandiiko kino kiwa ennambikiro eri abasawo ku nsonga z'okuwaamu obujjanjabi bwonna ku balwadde ba mukenenya. Mu 2013, ekitundu kyaagattibwa ku kiwandiiko kino okusobola okusitula omutindo gwa Uganda mu kulwaanyisa mukenenya. Ekitundu kino ky'agatta ebibinja by'antu abali ku bweerende kunkola ey'okuweweeza ku kawuka ka mukenenya era nga abantu abakozesa ebiragalalagala b'ogerebwaako mu lwaatu mu kitundu ekyogera ku bavubuka.

Mu 2016, enkola empya ku kukebeza n'okujjanjabo mukenenya yatongozebwa. Eno yalambika nti abantu abazuulibwa nga balina akawuka akaleeta mukenenya batandikirewo obujjanjabi ku

¹⁶ UNAIDS 90-90-90, an ambitious plan to help end the HIV epidemic [Okweefubako mu Kujjanjabo n'okukomya Mukenenya] UNAIDS; 2015 16.

¹⁷ Republic of Uganda Ministry of Health The Integrated National Guidelines on Antiretroviral Therapy, Prevention of Mother to Child Transmission of HIV and Infant and Young Child Feeding [Enkola Egatta Awamu Emiteendera Gy'okuweweeza Mu Obujjanjabi Obuweweeza Akawuka Ka Mukenenya, Obukomya Ensaasaana Y'akawuka Okuva Ku Maama Okudda Ku Mwana Atanazaalibwa Wamu N'engeri Y'okuliisa Mu Abaana Abato]; Ministry of Health [Yayisibwa Ekitongole Ky'eby'obulamu] 2011.

bweereere, era n'abantu bonna abalina akawuka abaali batanaba kutaandika ku ddagala nabo bakirizibwa okulitaandikirawo¹⁸. Enkola eno ttoffaali ddene mu kukakasa nti abantu ab'ekuba ebiragalalagala nabo baganyirwa mu nkola ey'okukebeza n'okujjanjaba mukenenya.

Ebitundu ebisaana okuloongoosebwaamu

Abantu ab'ekuba ebiragalalagala basaana basitukiremu bakakase nti mu nkola eyabulijjo baganyurwa mu nteekateeka za gavumenti zino ennungi, basobole okufuna obujjanjabi oluvannyuma lw'okuzulw'amu obulwadde.

7. Enambika Y'eneeyisa yabakugugu mu kujjanjaba endwadde n'amannyo, 2013] **(Medical and Dental Practitioners: Code of Professional Ethics, 2013)**

Ekiwandiiko kino kalambika enneeyisa y'abawi b'obujjanjabi era nga kiriwo kutumbula n'akukuuma mutindo gwa neeyisa y'abantu bano. Ekiwandiiko kikubiriza abasawo okukuuma eddembe ly'abalwadde eribaweebwa Ssemateeka we ggwanga.

Ebiragi bino biteeka obuvunaanyizibwa ku basawo obutasosola n'akuboola balwadde baabwe. N'olw'ensonga eno, abantu abakozesa ebiragalala bakubirizibwa okugenda mu malwaariro okujjanjabibwa kubanga abasawo tebakkirizibwa kubagoba wadde okubayisa obubi oba okubasosola.

Newankubadde ekyo nga kiri bw'ekityo, ebiwandiiko bino bikkiriza abasawo okwaasanguza ebyaama by'abalwadde baabwe wadde nga tebakkirizza okusobola okuyamba abantu abalala oba okukuuma eby'obulamu by'abantu abalwadde beba beera nabo. Kino kikkirizibwa wadde nga guba mulimu gw'abasawo okukuuma obubaka obukwaata ku balwadde babwe nga bw'akyaama, n'obutabwaasanguza nga omulwadde takkirizza. Kino kiyinza okulemesa abantu abakozesa ebiragalalagala okugenda mu ddwaaliro n'okweyabiza omusawo olw'okutya nti omusawo ayinza okw'eyambisa omwaaganya ogwo okumuloopa mu b'amateeka.

Ebitundu ebisaana okuloongoosebwaamu

Waliwo obweetaavu okusaasaanya enjiri ku ddembe ly'obuntu erya'bantu ab'ekuba ebiragalalagala mu basawo, wamu n'okutaputa ekiwandiiko kino mu ngeri ekuleembeza eddembe ly'obuntu.

¹⁸ Uganda rolls out free HIV testing and treatment for all [Uganda ereese okukebeza mukenenya eri abantu bonna ku bweereere]; *The Sunrise*, 1 December 2016; [olupapula lw'amawulire olwa 'Sunrise'].

3. AMATEEKA G'ENSI YONNA GOOGERAKI KU BANTU AB'EKUBA EBIRAGALALAGALA ERA GABAKOSA GATYA KU DDEMBE LYAABWE ERIKWAATA KU BY'OBULAMU MU KWEGATTA N'OKUZAALA WAMU N'OKUFUNA EMPEEREZA Y'OKUTANGIRA N'OKUJJANJABA MUKENENYA?

Amateeka g'ensi yonna gakkatiriza nti abantu bonna benkanankankana era balina eddembe ly'erimu. Ekiwandiiko ky'ensi Yonna ku Ddembe Ly'obuntu (*Universal Declaration of Human Rights*) kikkatiiriza nti abantu bonna bazaalibwa nga benkana, era buli muntu yenna waddembe okwegazaanyiza mu ddembe lye. Eddembe lino liddibwaamu mu mateeka g'ensi amalala omuli Eteeka Ly'ensi Yonna ku Ddembe Ly'obuntu ery'ebuyobufuzi n'okwesalirawo (*International Covenant on Civil and Political Rights*); Eteeka Ly'ensi Yonna kuDdembe ly'obuntu mu Byenfuna, Embeera eza bulijjo n'ebuyobuwangwa (*the International Covenant on Economic, Social and Cultural Rights*); Eteeka ly'ensi yonna ku kumalawo okusosolebwa kwonna ku bakyaala (*Convention on the Elimination of all forms of Discrimination Against Women*) ne Eteeka lya Ssemazinga wa Afrika ku ddembe ly'obuntu n'elyabantu (*the African Charter on Human and Peoples' Rights*).

Wadde nga okukozesa ebiragalala kimenya mateeka mu nsi ezimu okuli ne Uganda, kino tekibaggyaako ddembe lyaabwe ery'obwebange kubanga basigala bantu. Amateeka agafuga ensi yonna galaga nti abantu abakozesa ebiragalalagala basobola bulungi okufuna empeereza mu malwaariro ku mutendera gw'egumu nga abantu abalala.

Eddembe ly'obulamu mu by'okwegatta n'okuzaala kikulu nnyo mu ddembe ly'obuntu ku by'obulamu okutwaaliza awamu¹⁹. Amateeka gano gonna gagamba nti buli muntu alina eddembe okubeera mu mbeera eyo esinga obulungi esoboka okufuna, era nga eddembe ly'abakyaala likuumiba ka nsusso.

N'olwekyo okusenziira ku mateeka g'ensi yonna abantu ab'ekuba ebiragalalagala balina eddembe okweyagarira mu bulamu obulungi mu nsonga z'okwegatta n'okuzaala wamu n'obujjanjaba obusinga okweeyagaza obusoboka.

¹⁹ Principle 17 of the Yogyakarta Principles on the Application of International Human Rights Law in Relation to Sexual Orientation and Gender Identity [Akakkwakulizo namba 19 ku bukakkulizo mu Nikola y'amateeka ag'eddembe ly'obuntu mu nsi yonna mu kw'ekuusa ku nsonga z'ensalawo y'omuntu ku bantu kikula ki b'ayagala, n'ekikula kye ng'omuntu].

4. EBYOKULABIRAKO KU NSONGA Z'AMATEEKA N'EBIRAGIRO KU Z'EBY'OBULAMU EZIKWAATA KU KWEEGATTA N'OKUZAALA WAMU N'OKUFUNA EMPEEREZA EY'OKUZIYIZA N'OKUJJANJABA MUKENENYA MU BANTU ABAKOZESA EBIRAGALALAGALA.

Ekyokulabirako I

Nuru mukazi era nga aweza egy'obukulu 23. Amaze ebbanga nga ly'amyaka esatu nga akozesa enjaga. Noor takola era nga muganzi we kati y'amulabirira ku ssente ze baggya mu kaduuka akasangibwa mu kabuga ke Mbale. Nuru ne muganzi we be bamu ku kibinja ekinene ekitera okusisinkana ne bekuba empiso z'enjaga. Nuru yeekengera nti yandiba olubuto, kubanga amaze emyeezi ebiri nga tagenda mu nsonga z'akikyaala. Nuru amanyi bulungi nti enfuna ya muganzi we tebasobozesa kulabirira mwana ate era nga baali tebannakirowoozaako. Baludde nga mu kweegatta tebakozesa bupiira olw'okuba nti babadde beetya okugenda mu ddwaaliro obupiira gy'ebugabirwa. Kale Nuru yagezaako okugendayo omulundi nga gumu oba ebiri naye oluvannyuma yaggwaamu amaanyi olwengeri abasawo gye baamukaambuwaliramu olwokuba omunywi w'enjaga.

Nuru y'elariikiridde olw'obulamu bw'omwana we ali mu lubuto. Akimanyi bulungi nti enjaga gy'akozesa ejja kukosa obulamu bw'omwana. Yagezaako nnyo nga bwasoobola emirundi mingi okuva ku njaga naye bambi n'alemererwa. Nuru era atya nti kisoboka okuba nga yakwaatibwa dda akawuka akaleeta mukenenya nga kayita mu mpiso z'ebakozesa ez'olukale. Nuru tayagala mwana we azaalibwe nga alina akawuka akaleeta mukenenya. Nuru tageendangako kumukebera okuva lweyataandika okukozesa enjaga.

Enkola ey'okugeendaangako mu ddwaaliro okusobola okutaangira omwana we okukwaatibwa obulwadde nayo emutiisa nnyo. Mukwano gwaabwe omu yakwaatibwa polisi mu kifo webalindira omusawo oluvannyuma lw'omusawo okumweekebejja nga alina enkovu ez'enjawulo ku mukono mwebaludde nga bayisaamu enjaga ngabakozesa mpiso. Nuru awulirira ddala nga ky'alina okukola kyokka kw'ekuggyamu olubuto. Yasalawo akozese 'Omo' ne 'Jik' okuva mu dduuka lya muganziwe asobole okutabula eky'okunywa okusobola okuggyamu olubuto. Yamalirira nti ekyo eky'okunywa bwe kiremererwa okuggyamu olubuto ekidirira kuba kukozeza luwagi lwa ggaali luyambe okusokoolamu omwana.

Okukubaganya ebirowoozo

Etteeka erigamba nti okukozesa ebiragalalagala, wamu n'obuzibu obuli mu okufuna obujjanjabi naddala mu nsonga z'eb'y'okwegatta n'okuzaala kireetedde Nuru obuzibu obwo mu ky'okulabirako waggulu. Talina busobozi bw'akufuna mpeereza ey'okukeendeeza obulabe

bw'afuna mu kukozeza ebiragalalagala, enteekateeka ey'ekizaala ggumba, obujjanjabi bw'abakyaala abali olubuto, enkola ey'okwewala akawuka akaleeta mukenenya, n'okujjanjaba mukenenya wamu n'engeri y'okuggyamu olubuto mu ngeri etateeka bulamu bwe mu matigga. Ne mu bifo empeereza eno gy'asobola okugifuna tageendayo kubanga atya okusosolebwa n'okuboolebwa. Awulira nga asindiikiriziddwa okukola kyonna ekisoboka okuggyamu olubuto, ekintu ekiteeka obulamu bwe mu katyaabaga.

Eky'okurabirako eky'okubiri

Timothy musajja wa myaka 34. Abeera Mbarara, era amaze era abadde akozesa ebiragalalagala okuva nga w'amyaka 26. Okusooka yali akozesa biddoddo ne sukaali ggulu naye obudde gy'ebw'agenda bw'eyongera n'atandiika okukozesa enjaga. Emyeezi egiyise, Timothy yataandika okusiitaana okufuna ku maanyi g'ekisajja, ekintu ekikoseza ennyo obulamu bwe wamu n'okuba nga taky'ekkirizaamu. Ekisinga okumulumira ddala kwekutandiika okubusabuusa oba nga ddala alibeera n'abaana ababe. Era eggulolimo, bweyabadde nga ali mu mbeera nga ebiragalalagala bimulinnye yegasse ne Jane, buli omu gwayogerako nga alina akawuka akaleeta mukenenya. Timothy ayagala kwekebeza akawuka n'okwebuza ku basawo ku kizibu kye eky'amaanyi ge kisajja. Naye wadde alina essuubi nti osanga abasawo bayinza okumuyamba ku kizibu kino, naye bambi talwooza nti ayinza okugenda ko mu ddwaaliro. Olunaku lw'eyasemba okugenda mu ddwaaliro alujjukira bulungi, nti kati wayiseewo emyaka ena, era nga kw'olwo yatwaalibwa kijaawe oluvanyuma lwokukozesa ebiragalalagala ebyasukka okuba ebingi mu mubiri. Ajjukira bulungi nti ku lunaku olwo omusawo y'amugamba nti yali asaana kufa kubanga musiru nnyo okutuuka ku ssa erikozesa ebiragalalagala. Yamala essaawa eziwerako ng'abasawo tebamufuddeko. Ebbanga lyonna ly'eyamala mu ddwaaliro yali ku bunkenke nga amanyi nti essaawa yonna polisi emuzingako n'emutwaala. Timothy awulirira ddala obuzibu okw'ogerako n'abalala ku buzibu buno bw'eyafuna, naddala abasawo ab'amuyisa mu edda amaaso olw'engeri gy'atwaala mu obulamu bwe.

Okukubaganya ebirowoozo

Ekyokurabirako kino kigeenzaako okulambulula olutalo abantu ab'ekuba ebiragalalagala bw'ebafuna ssinga baba n'eby'etaago mu nsonga ez'obulamu ez'ikwaata ku by'okwegatta n'okuzaala. Wadde nga okukozesa ebiragalalagala ebiyisibwa mu mpiso kiteeka omuntu mu matigga gokufuna akawuka ka siliimu, naye tewali kikoledwa nnyo okusobola okutaasa abantu bano. Amateeka ag'akugira okukozesa ebiragalalagala wamu n'ebbula ly'enkola za gavumenti okukasa nti abantu abakozesa ebiragalalagala bafuna obujjanjabi n'okubudaabudibwa kw'ebeetaaga ku nsonga z'eb'obulamu mu kw'egatta n'okuzaala, kitegeeza nti abantu abakozesa ebiragalalagala mu Uganda tebarina ngeri yonna y'akufuna mu mpeereza eno gye b'etaaga.

OKUFUUNDIKIRA

Akatabo kano kalambise bulungi nti waliwo amateeka n'enkola oba entegeka za gavumenti ez'enjawulo ez'ekuusa ku ddembe ly'abantu ab'ekuba ebiragalagala mu Uganda. Omuziziko ogusinga obunene mu kusobozesa abantu ab'ekuba ebiragalagala okw'eyunira obujjanjabi ku nsonga z'okw'egatta n'okuzaala kwe kuba nti kimenya mateeka okukozesa wamu n'okusangibwa n'ebiragalalagala.

Abantu ab'ekuba ebiragalalagala basanze obuzibu bunnene nnyo olw'okuba nti tewali nkola yonna nnaambulukufu ekwaata ku bw'etaavu bwaabwe naddala ku nsonga y'okukendeeza obulabe obuva mu kukozeza ebiragalalagala.

Newankubadde nga waliwo enteekateeka n'enkola ey'okulaba nti obujjanjabi obukwaata ku by'okweegatta n'okuzaala busaasaasira abantu bonna, eby'etaago by'abantu abakozesa ebiragalalagala eby'enjawulo tebikoonebwaako wadde.

Enteekateeka yokka gavumenti gyewagira eliwo okulaba nti erwanirira abantu ab'ekikula nga kino ku nsonga y'okulwanyisa akawuka akaleeta mukenenya wamu n'endabirira y'abantu abali ku bweerende y'eya MARPI e Mulago naye engeri gyekiri nti kitongole kya bwa nnakyeewa, tekinnaba kusaasaana nnyo mu ggwanga ate nga ne ssente ntono ddala.

Abakulembeze abali mu bantu ab'ekuba ebiragalalagala naddala ekitongole ekivuddeyo okukendeeza ku bulabe bw'ebafuna ekya Uganda Harm Reduction Network [UHRN] bakubirizibwa okulaba nga etteeka liroongoosebwa okuggyamu omusango ogw'okukozesa n'okusangibwa n'ebiragalalagala nga sibya kutunda, n'okukakasa nti enkola za gavumenti n'enteekateeka eziyisibwa zilambulula bulungi ensonga z'okukeendeeza obulabe mu bantu abakozesa ebiragalalagala, okubatuusaako empeereza y'eby'obulamu ebikwaata ku kw'egatta n'okuzaala wamu n'okuziyiza, okukebeza, n'okujjanjaba mukenenya nga bw'ebagy'etaaga.

EBITABO N'AMATEEKA EBIKOZESEDDWA MU KUWAANDIIKA AKATABO KANO

Ebiwaandiiko ku mateeka g'ensi yona

1. United Nations General Assembly *Political declaration on HIV/AIDS: On the fast track to accelerate the fight against HIV and to end the epidemic by 2030* [Okulaangirira kw'abebyobufuzi ku Mukenya: Okw'anguya Olutalo ku Mukenya, n'Okumalawo Mukenya mu mwaaka 2030]; A/70/L52 Adopted at the UN High Level Meeting on ending AIDS, 8-10 June 2016 [Ekiraagiriro kino ky'akkirizibwa mu lukiiko lw'amawanga amagatte nga 10 ogw'omukaaga 2016].
1. Yogyakarta Principles on the Application of International Human Rights Law in Relation to Sexual Orientation and Gender Identity [Obukwakkulizo mu Nkola y'amateeka ag'eddembe ly'obuntu mu nsi yonna mu kw'ekuusa ku nsonga z'ensalawo y'omuntu ku bantu kikula ki b'ayagala, n'ekikula kye ng'omuntu].

Amateeka ga Uganda

1. The Constitution of the Republic of Uganda as at 2005 [Ssemateeka wa Uganda, 2005].
2. The HIV Prevention and Control Act, 2014 [Eteeka Erivunaanyizibwa ku Kulwaanyisa Mukenya, 2014].
3. National Drug Policy and Authority Act, 2006 [Eteeka Erifuga Entambuza N'enkozesa Y'eddagala Mu Uganda, 2006].
4. Narcotic Drugs and Psychotropic Substances Control Act, 2015 [Eteeka Erifuga Ebiragalalagala Ebitamiiza wamu N'ebiwuunza, 2015].

5. Non Governmental Organisations Act 2016 [Eteeka Erifuga Ebibiina By'obwa Nnakyeeewa, 2016].
6. The Penal Code Act Cap 120 [Eteeka Eribonereza Abamenyi B'amateeka]

Ebiwaandiiko ebiri mu Enteekateeka N'enkola za Gavumenti

1. The Government of Uganda Ministry of Health 'The National Policy Guidelines and Service Standards for Sexual and Reproductive Health and Rights (2012)' [Ebiragiro Ebifuga Enkwasaganya Y'onkola N'omutindo Gw'empeereza Ku By'obulamu Ebikwaatagana N'okwegatta Wamu N'okuzaala Mu Ggwanga] Ministry of Health [Ekitoongole Ky'eb'y'obulamu mu Uganda]; 2012.
2. The Republic of Uganda Ministry of Health 'The Second National Health Policy: Promoting Peoples' Health to Enhance Socio-Economic Development' [Enkola Y'eggawanga Lyonna Ey'omulundi Ogw'okubiri Ku By'obulamu: Okusitula Omutindo Gw'eb'y'obulamu Okusobola Okuyitimusa Eby'enfuna N'enkulaakulana Y'abantu]; Ministry of Health [Ekitoongole Ky'eb'y'obulamu mu Uganda]; 2010.
3. Uganda AIDS Commission 'An AIDS Free Uganda: My responsibility! National HIV and AIDS Strategic Plan 2015/2016 – 2019/2020' [Enteekateeka Y'okulwanyisa Akawuka Akaleeta Mukenya 2015/2016-2019-2020[2015]; Uganda AIDS Commission [Ekitoongole Ekivunaanyizibwa Ku Kulwaanyisa Mukenya] 2015.

4. Uganda AIDS Commission 'National HIV and AIDS Priority Action Plan 2015/2016 – 2017/2018' [Enteekateeka Y'okuteeka Ensonga Z'okulwanyisa Mukenenya Ku Mwaanjo Mu Ggwanga [2015/2016-2017/2018], 2015.
5. The Republic of Uganda Ministry of Health 'Uganda HIV Testing and Counselling Policy' 3rd edition [Enteekateeka Y'okukebeza Akawuka Ka Mukenenya N'okubuulirira Ab'ekebeza Mu Uganda, Ekitabo Ekyomurundi Ogw'okusatu] 2010.
6. The Republic of Uganda Ministry of Health 'Addendum to the National Antiretroviral Treatment Guidelines' [Ekiwaandiiko Ky'ekitongole Ky'eby'obulamu Mu Ggwanga Ekiyoongereza Ku Mitendera Egy'okuweereza Mu Obujjanjabi Obuweweza Akawuka Ka Mukenenya]; Minisrty of Health [Eky'ayisibwa Ekitongole Ky'eby'obulamu Mu Ggwanga] 2013.
7. The Republic of Uganda Ministry of Health 'National Antiretroviral Treatment Guidelines for Adults, Children and Adolescents' [Emitendera Gy'okuweereza Mu Obujjanjabi Obuweweza Akawuka Ka Mukenenya Eri Abantu Abakulu, Abavubuka Wamu N'abaana] The Ministry of Health [Ekitongole Ky'obulamu Mu Mwaaka] 2009.
8. The Republic of Uganda Ministry of Health 'The Integrated National Guidelines on Antiretroviral Therapy, Prevention of Mother to Child Transmission of HIV and Infant & Young Child Feeding' [Enkola Egatta Awamu Emiteendera Gy'okuweereza Mu Obujjanjabi Obuweweza Akawuka Ka Mukenenya, Obukomya Ensaasaana Y'akawuka Okuva Ku Maama Okudda Ku Mwaana Atanazaalibwa Wamu N'engeri Y'okuliisa Mu Abaana Abato]; Ministry of Health [Yayisibwa Ekitongole Ky'eby'obulamu]; 2011.
9. The Republic of Uganda Ministry of Health 'The National Policy Guidelines for Post Exposure Prophylaxis for HIV, Hepatitis B and Hepatitis C' [Enteekateeka Yokuwa Obujjanjabi Obw'amangu Eri Omuntu Okusobola Okutaangira Mukenenya, Hepatitis B Ne Hepatitis C Okuyingira Mu Mubiri] Ministry of Health (Yayisibwa Ekitongole Ky'eby'obulamu] 2007.
10. Medical and Dental Practitioners: Code of Professional Ethics (2013) (Derived from the Medical and Dental Practitioners Act of 1998) [Enkola Efuga Enneyisa Y'abasawo Ab'omubiri N'abamannyo, [2013] (Ery'aggyibwa mu tteeka ery'afulumu mu 1998)].

Ebiwaandiiko by'abakugu

Nchenga, J et al 'Antiretroviral therapy adherence, virologic and immunologic outcomes in adolescents compared with adults in southern Africa' [Egeri Abantu Abali ku nzijaanjabu eweweza ku kawuka ka mukennya gy'ebamulamu eddagala lyaabwe, n'engeri gy'ekikoosa mu obuwuka obuli mu mubiri wamu n'obutofali obulwanyisa obuwuka obwo nga egeraageranya mu abavuka n'abantu abakulu mu maserengeta ga Africa] Journal of Acquired Immuno Deficiency Syndrome"; [yawaandiikibwa mu Katabo k'abakugu ku nsonga za Mukenenya] 51:1; 2009.

Alipoota

1. CEHURD 'Advocating for the right to reproductive healthcare in Uganda: The import of Constitutional Petition No. 16 of 2011' [Okulwaanirira Eddembe Ly'eby'obulamu mu By'okuzaala mu Uganda: Omusango Ogw'awaabibwa mu Kkooti Etaputa Ssemateeka nnamba 16 ogw'omwaaka 2011 Gutegeeza ki?];

- CEHURD [Ekitongole ky'obwa nakyeeewa ekirwaanirira eddembe ly'obulamu] 2011).
2. Harm Reduction International *The Global State of Harm Reduction: The case for a harm reduction decade: Progress, potential and paradigm shifts* [Emyaaka 10 egy'enkola y'okumalawo obulabe: Enkulaakulana, Obusobozi n'enkyuukakyuuka Ssiinzigu] Harm Reduction International [Alipoota y'ekitongole kya Harm Reduction International, ekirwaana okulaba nga enkola y'okumalawo obulabe y'ekozesebwa ku bantu abakozesa ebiragalalagala mu nsi yonna] 2016.
 3. Human Rights Awareness and Promotion Forum *Legal Analysis of the Sexual Offences Bill 2015* [Okwekaanya Ebbago Ly'etteeka Erikwaata ku Misaango Egy'ekikaba Elya 2015]; HRAPF; 2016.
 4. Human Rights Awareness and Promotion Forum *Legal regulation of sex work in Uganda: Exploring the current trends and their impact on human rights of sex workers* [Amateeka Agakwaata ku mulimu ogw'okutuunda akaboozi mu Uganda: Likwaasibwa litya ennaku zino, era kino kikosa kitya eddembe ly'obuntu ery'abo abatuunda akaboozi?] HRAPF, 2016.
 5. Human Rights Awareness and Promotion Forum *The Narcotic Drugs and Psychotropic Substances (Control) Act, 2015 and the Legal Regulation of Drug Use in Uganda: Analysing the tension between criminal law, public health and human rights* [Eteeka Erikwaata ku Nkozesha y'ebiragalalagala Ebiwuunca wamu N'ebitamiiiza, wamu n'enkwaasisa y'amateeka ag'ekuusa ku kukozeza ebiragalalagala mu Uganda: Okwekaanya Enkolagana wakati w'amateeka, eby'obulamu n'eddembe ly'obuntu]; HRAPF, 2016).
 6. International Network of People Who Use Drugs (INPUD) and Global Network of People Living With HIV (GNP+) *Advancing the Sexual and Reproductive Health and Human Rights of Injecting Drug Users living with HIV: A policy briefing* [Okutumbula Eby'obulamu mu Kuzaala n'okwegatta wamu n'eddembe ly'abantu ab'ekuba ebiragalalagala mu mpiso ng'ate b'alina n'akawuka ka mukenenya: Enteekateeka] INPUD and GNP+ [Alipoota ya INPUD, ekitongola ekikola ku bantu ab'ekuba ebiragalalagala mu nsi yonna, wamu ne GNP+, ekitongole ekigatta abantu abalina akawuka ka mukenenya mu nsi yonna]; 2010.
 7. [UNAIDS and World Health Organization Inter-Agency Working Group on Key Populations *HIV and young people who inject drugs: A policy brief* [Mukenenya mu Bavubukua Ab'ekuba Ebiragalalagala mu Mpiso: Enteekateeka] UNAIDS and WHO, 2013.
 8. UNAIDS *90-90-90- An ambitious treatment target to help end the HIV epidemic* [Okweefubako mu Kujjanjaba UNAIDS *Reaffirming the leadership of people living with HIV in the AIDS response* [Okunyweeza Obukulembeze Bw'abantu abalina Mukenenya mu kulwaanyisa mukenenya] UNAIDS 2016; also available at http://www.unaids.org/en/resources/presscentre/featurestories/2016/july/20160717_living2016] osobola okulijja ku mukutu gwa Yitaneenti oga UNAIDS.
 9. UNAIDS *UNAIDS Terminology Guidelines* [Okunnyonyola Ebigambo Ebikalubo]; UNAIDS, 2015.
 10. UNAIDS *The GAP Report* [Alipoota ya GAP]; UNAIDS, 2014.
 11. United Nations Office on Drugs and Crime *World Drug Report 2006* Alipoota Ekwaata ku Biragalalagala mu nsi Yonna *Ey'omwaaka 2006 UNODC* [Ofisi y'Ekitongole Ky'amawanga Amagatte ku

Biragalalagala N'ebikolobero] 2006.

12. WHO *Policy Brief: Consolidated guidelines on HIV Prevention, Treatment and Care for Key Populations* [Enkola Ey'awamu Ku Kuziyiza n'Okujjanjaba Mukenenya, N'okubudaabuda abantu abli kubweereende] WHO, 2014.
13. WHO *Developing sexual health programmes: A framework for action* [Okuguunjaawo Enkola Ku By'obulamu eby'ekuusa ku kweegatta: Endagiriro] WHO, 2010.

Ebiwaandiiko mu mawulire

Uganda rolls out free HIV testing and treatment for all [Uganda ereese okukebeza mukenenya eri abantu bonna ku bweereere] *The Sunrise 1 December 2016 The Sunrise 1 December 2016* (available at <http://www.sunrise.ug/news/201612/uganda-rolls-out-free-hiv-testing-and-treatment-for-all.html>) [n'ekumukutu gwa yintaneenti ogw'olupapula 'Sunrise'].

MARPI bridging the health service gap in Most At Risk Populations [*MARPI emalawo ebbanga mu by'obulamu mu n'obujjanjabi mu bantu abali ku bweereende*] KuchuTimes 15 May 2015. (Available at <https://www.kuchutimes.com/2015/05/marpi-bridging-the-health-service-gap-in-most-at-risk-populations-3/>) [Osobola n'okulisaanga

ku mukutu gwa Yintaneenti gw'olupapula lwa KuchuTimes].

Ebivudde ku mutimbagano gwa yintaneeti

UNAIDS *Understanding fast track: Accelerating action to end the AIDS epidemic by 2030* [Okutegeera Obwaangu: Okw'anguwa Okumalawo Mukenenya mu mwaaka 2030]; UNAIDS, 2015 also available at http://www.unaids.org/sites/default/files/media_asset/201506_JC2743_Understanding_FastTrack_en.pdf [osobola okulijja ku mu timbagano gwa yintaneenti ogw'ekitongole kya UNAIDS].

UNAIDS *Reaffirming the leadership of people living with HIV in the AIDS response* [Okunyweeza Obukulembeze Bw'abantu abalina Mukenenya mu kulwaanyisa mukenenya] UNAIDS 2016; also available at http://www.unaids.org/en/resources/presscentre/featurestories/2016/july/20160717_living2016] osobola okulijja ku mukutu gwa Yintaneenti oga UNAIDS.

EBIKWAATA KU HUMAN RIGHTS AWARENESS AND PROMOTION FORUM (HRAPF)

Ensibuko:

HRAPF kibiina ky'obwannakyeewa ekimanyisa wamu n'okutumbula eddembe ly'obuntu. Kibiina kyetongodde, sikyabyabufuzi, era kya bwa Nnakyeeewa nga kikola ku ddembe ly'obuntu. Kyawandiisibwa mu bujuvu mu mateeka ga Uganda. HRAPF kyatandikibwaawo mu 2008. HRAPF etumbula engeri abantu gyebasobola okutuuka ku bwenkanya, okumanyisibwa ku by'eddembe ly'obuntu, naddala abo abatwalibwa ng'abawansi ennyo mu Uganda era abasosolebwa nga kiyita mu mateeka.

HRAPF kyerubiriira

Eddembe ly'abantu bonna nga kwotadde n'elyabo abasosolebwa n'abatafiibwaako nga litwalibwa ng'ekyomuwendu era nga lissibwaamu ekitiibwa.

Enkola ya HRAPF

HRAPF eyitira mu mateeka okutukiriza ebigendererwa byaayo. Eyita mu kuwolereza mu by'amateeka, okunoonyereza, okumanyisa ku by'eddembe ly'obuntu ne ku by'amateeka, okukozesa kooti, wamu n'okukola emikago.

Omubala gwa HRAPF

'Twala eby'eddembe ly'obuntu eli buli omu'

Ebigendererwa bya HRAPF

1. Okumanyisa banna Uganda amateeka ga Uganda n'agensi yonna ku by'eddembe ly'obuntu okusobola okutumbula enneeeyisa essa ekitiibwa mu ddembe ly'abantu abawansi ennyo.
2. Okukola okunoonyereza n'okuwandiika ku kulinyirira eddembe ly'obuntu ely'abantu abawansi ennyo n'ekigendererwa eky'okubafunira engassi ebasaanira.
3. Okukyusa endowooza mu nkulaakulana y'amateeka n'enteekateeka mu Uganda okuleetawo okugoberera ennono z'eddembe ly'obuntu.
4. Okuyamba abantu abawansi ennyo mu by'amateeka okubasobozesa okufuna ennamula

y'emisango ey'ensonga n'obwenkanya.

5. Okugabana ebikwata era n'enkola ezisinga obulungi ku ddembe ly'abantu bawansi ennyo okusobola okwongera amaanyi mu mugendo gw'eddembe ly'obuntu mu Uganda.
6. Okuzimba empuliziganya n'enkolagana n'ebibiina wamu n'emikwano egy'enkizo, gavumenti, ebibiina by'abantu abomu bitundu eby'enjawulo wamu ne ba ssekinnoomu mu Uganda, mu Afrika ne mu nsi yonna.
7. Okuzimba ekitongole ky'ebyeddembe ly'obuntu eky'amaanyi nga era kikola bulngi emirimo gyaakyo.

HRAPF byetwala okuba eby'omuwendo ng'ekola emirimo gyaayo:

1. Obutasosola
2. Obwenkanya
3. Okukolera awamu
4. Emikisa egyenkanankana
5. Okukola emirimo

EMIRIMO GYA HRAPF

Mu kiwandiiko ekilaga enteekateeka yakyo eza 2013 – 2017, HRAPF erina entegeka ssatu mwekolera emirimo gyayo:

Entegeka Y'okutuusa Obwenkanya Mu Bantu

Entegeka eno egendereddwamu okutumbula okusobola okutuuka ku bwenkanya mu engeri esoboka okuyimirizibwaawo okumala ebbanga, eri abantu abanyigirizibwa era abasosolebwa ennyo mu Uganda. Okusingira ddala entegeka eno esinga kutunuulira bwenkanya mu kusala emisango, obwenkanya mu maka wamu n'eryaanyi erikozesebwa okusenziira ku kikula ky'abantu mu by'omukwano. Entegeka eno etunuulidde nnyo abantu abasinga okuba abawansi omuli abasosolebwa olw'ebikula byabwe byonna; abakyaala ba 'Nekolera gyange'; abakazi n'abaana abalina akawuka akaleeta mukenenya; abasajja n'abakazi abanaku, ssaako n'abantu abakadde naye nga bali mu nkayana z'ettaka.

Entegeka y'okunyonyola N'okukyuusa Amateeka

Ekigendererwa ky'entegeka eno kwe kukola n'ebitongole ebifaanaganya endowooza okuwolereza n'okukyusa endowooza mu kubaga enteekateeka n'amateeka ezitumbula omwenkanonkano

n'obutasosola mu bantu okusobola okujjawo obusosoze eri abantu abawansi ennyo.

Entegeka ey'okukuza HRAPF

Ekigendererwa ky'entegeka eno kwe kukulakulanya HRAPF efuuke ekibiina ekyabeezawo era ekikola emirimo egomutindo.

OBUFUZI N'OBUKULEMBEZE BWA HRAPF

Obufuzi n'obukulembeze bwa HRAPF bulina amatabi ana: Olukiiko lwa bannakibiina; Abayima; Akakiiko ka badayirekita; ssaako abako

Olukiiko lwa banakibiinaf

Lino ly'ettabi essukulumu elivunaanyizibwako okukola enteekateeka ennene ez'ekitongole kino. Etabi lino lirimu bannakibiina bonna. Wetwoogerera nga HRAPF erina banakibiina 53. Okufuuka munakibiina kukkirizibwa eri abantu bonna abettanira okutumbula, okukuuma wamu n'okumanyisa ebikwata ku ddembe ly'obuntu ery'abantu abawansi ennyo mu Uganda.

Abayima

Abayima bano be bakuumi ba b'ebiwandiiko bya HRAPF era be balabirira ebintu byaayo. Mu kaseera kano waliwo abayima abakola basatu.

Akakiiko akafuzi

Kano kekakiiko akavunanyizibwako okulambika ebyo ebikolebwa ekitongole buli lunaku. Kaliko abantu musanvu: Ssentebe, Omumyuka wa Ssentebe, Omuwandiisi omukulu, Omuwanika, bammemba abalala babiri, n'omukulu wabakozi. Katuula buli luvannyuma lwa myezi esatu.

Etabi ly'abakozi b'ekibiina

Lino ly'ettabi ery'ekitongole eriteeka mu nkola byonna ebisalibwaawo amatabi amalala. Likulirwa omukulu w'abakozi wetwoogerera nga liriko ba mmemba abakozi 29.

Human Rights Awareness and Promotion Forum (HRAPF)

Plot 390 Prof.Apolo Nsibambi Road,

20 Metres off Balintuma Road,

Namirembe, Kampala.

P.O.Box 25603, Kampala

Tel: +256- 414- 530683 / +256- 312- 530683

Email: info@hrapf.org

Website: www.hrapf.org